Okweroboza Omugole

Waliwo abalwadde bangi nnyo. Bonna ssisobola kubatuukako mulundi gumu. Naye, muwulirize.

2 Mazima ddala nsanyuse nnyo okubeera wano nate, akawungeezi ka leero, mu kizimbe kino ekirabika obulungi, mu kibiina ky'abantu bano abalungi. Bwe twabadde tuyingira, wabweru wali, akaseera katonoko emabega, abantu abaabadde bayimiridde ku luguudo baagambye nti tebasobodde kuyingira. Ne mbagamba nti, "Leka ndabe, oba oli awo nsobola okubaako ne we mbafunira." Naye ne batabakkiriza kujja. Kale nsaaliddwa okuba nti tetulinaawo bifo bibamala. Bagambye nti ne mu mwaliiro ogusemberayo ddala wansi, nayo wajjudde. Kale bambi mutusonyiwe olw'ekyo. Naye tusanyuse okubeera wano, era tusanyuse okulaba ekibinja ekirungi kino kyonna eky'abaweereza, ne bannabbizineesi abali wano, nammwe ebibinja byonna okuva mu bitundu by'eggwanga ebitali bimu.

3 Nnafunye omukisa ogw'ekitalo enkya ya leero ogw'okuba nti nze nnabuulide enkya ya leero ku ky'enkya, ekintu kye ntwala okuba eky'ekitiibwa ennyo ddala okwogera eri abantu abalungi bwe batyo. Nnabadde mbuulira ku ky'okuyigako eky'omutwe ogugamba nti: *Ekisusunku Tekijja Kusikira Wamu Na ŋŋaano*. Ssaasobodde kukimaliriza. Naye teyabadde—teyabadde nsobi ya waaluganda. Yagezezzaako okusaba abaddukanya ekifo bakkirize batwongereyo ku budde, naye bambi n'atakkirizibwa. Mazima ddala ekyo nkisiima nnyo, Ow'oluganda Demos. Kyabadde kirungi, nnyo nnyini. Mazima ddala mbeebaza olw'ekisa kyammwe, buli omu ku mmwe. Naye tebaasobodde kutukkiriza kweyongerayo. Kale twabadde tulina oku—okumaliriza. Kale ekyo ndikiddira, omulundi omulala, nsobole okukimaliriza: *Ekisusunku Tekirisikira Wamu Na ŋŋaano*. Mwakitegedde, mmwe abaabaddewo? Nsuubira waliwo ebyayogeddwa ebimala okuba nti kitegeerekeka bulungi.

4 Kati, mmanyi, n'akawungeezi ka leero, n'era, waliwo akakiiko k'abakubaganya ebirowoozo n'okwanukula ebibuuzo, kale ssaagala kubalwisa nnyo wano si kulwa nga musubwa bye banaayogerako. Kubanga, ndowooza nti akakiiko ako kaali ka mugaso gwa maanyi nnyo eri—eri abo abakkiririza mu Pentekoote, akakiiko ako ke twalaba ekiro kya luli. Abasajja abalungi obwenkanidde awo, abaali baanukula obulungi ebibuuzo, mu ngeri entuufu. Ppulogulaamu eyo yankola obulungi obutagambika, okugiraba. Nzikiriza Mukama anaagiwa omukisa, n'akawungeezi ka leero. Era nsaba buli yenna anaagiraba, akkirize. Okwo kwe kusaba kwange mu bwesimbu.

5 Kati waliwo amawulire mangi nnyo agazze, olwa leero, okuyita mu mabaluwa ne mu masimu, agalaga nga bwe waliwo bangi nnyo abawonyezeddwa mu lukuŋŋaana luno. Ekyo kyansanyusizza nnyo. Ekyo, ekyo ki, okulaba abalwadde, obwo bwe buweereza bwange.

6 Nzi—nzija wano okubuulira. Naye, mumanyi nga, ssiri mubuulizi. Naye nze, ne, n'enjogera yange eno ey'e Kentucky eya, "his, hain't" n'e—n'ebigambo ebirala ebyo byonna, kale ssi—ssisobola kwogera nga be tuyita ababuulizi ab'omulembe bwe boogera leero. Ssi—ssisobola kwessa mu kifo nga ekyo, kubanga ssi—ssirina buyigirize.

7 Wabula njagala nnyo okwogera ku bye nkimanyiiko Ekyo, eri abalala, oba bye mpulira muli nti bye nkimanyiiko Ekyo, okubitegeeza abalala, engeri gye nkiyizeemu Ekyo, bw'Ali gyendi. Ye bulamu bwange bwonna, ye byonna bye nnali nsuubidde okuba, ategeeza bingi nnyo okusukkuluma ne ku bye nnali ndowoozezzaako, nti oba, nange ndibaako n'emikwano, ku nsi, bwe nnali nkyali kalenzi kato. Naye ddala nsiima nnyo olw'emikwano emirungi ennyo gye nnina leero.

8 Ndi. . .[Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Abali emabega eri tebakuwulira bulungi, Ow'oluganda Branham. Semberako mu maaso."—Omuk.] O, munsonyiwe bambi. Agambye nti, wa—waliwo erudda eri, we ssiwulikika bulungi.

9 Kati, okuyingira butereevu mu kubuulira, leka tubeeko we tubikkula okusobola okubaako Ebyawandiikibwa bye tusoma. Bulijjo nja—njagala nnyo okusoma Bayibuli, kubanga Yo kye Kigambo kya Katonda. Ekyo nkikkiriza. Era ngikkiriza okuba nti ky'Ekigambo kya Katonda ekitawakanyizibwa. Era kati nninawo Ebyawandiikibwa ebitonotono bye nnawandiise wano, n'obugambo obulala obufunze bwe njagala okujulizaako, okumala akaseera katono, ndowooza nga eddakiika ana mu ttaano.

10 Oluvannyuma tufulume nga wakyaliwo obudde okusobola okugenda nate era okulaba abaanukula ebibuuzo abalungi akawungeezi ka leero. Era nzikiriza nti Katonda ajja kweyongera okubawa emikisa ekiseera kyonna. Kati mmanyi bye mulina okukola. Naye ate, nange nteekwa okuvuga emmotoka okuddayo e Tucson, ekiro kya leero, mukiraba, kale ndowooza musobola okuteebereza. Olwo olugendo lw'ovugira essaawa kkumi.

11 Ate ŋŋenda mitala w'amayanja, kale nnina okugenda nfune akayiso k'okugemebwa omusujja gw'enkaka enkya ku makya mu gavumenti. Kale nte—nteekwa buteekwa okutuukayo. Luli, nnabyongezaayo, naye ku mulundi guno eby'okubagamba nedda "nedda sisobodde" tebajja kuddamu kubiwuliriza. Kuba nninayo n'empiso endala emu ey'okugema tetanaasi ne typhus, wamu n'eddagala eryongerezebwa ku ly'okugema.

12 Kale, nsiima nnyo, olw'omukisa guno, n'o—n'olukuŋŋaana luno olulungi lwe twabadde nalwo nga luno olunene terunnatandika. Ddala lwakutte nnyo ku mutima gwange. Muli kibiina ky'abantu abalungi. Nneesize nti Katonda ajja kubawa emikisa.

13 Akaseera ako akazibu bwe ka . . . Ogusolo guli ogutiisa oguli emitala eri, ogwesolossezza eyo mu Alaska, ennaku ntono gye buvuddeko, gwazzeemu nate ne guwanika omukira gwagwo waggulu enkya ya leero, eyo nga, emmanga mu bitundu ebyetoolodde Washington. Gwandyolekera erudda eno, mu bwangu ddala. Naye Omwoyo Omutukuvu ssinga antegeereza ddala . . .

14 Waliwo abadde ayanukula . . . manya ambuuzizza nti, "Ekyo kinaabeera wano, Ow'oluganda Braham?" Nedda, ekyo kyo ssikimanyi. Ssirina kye nkimanyiiko yadde, okutuusa lwe nnaakitegeera. Ago ge mazima.

15 Bulijjo njagala mbeerenga mwesimbu gye muli. Ssijja kwetantala, kumala gatwala ndowooza za ngeri yonna, oba ekintu gundi, kye nzikiriza, oba ekintu ekifaananako bwe kityo. Bwe mbaako ne kye mbabuulira, kitegeeza kiba kya kubaawo. Kuba, y'Alina okusooka okumbuulira, olwo, nange ne ndyoka mbabuulira. Mma—mmanyi ensi yonna eri mu mbeera ya kukankana. Tuli mu biseera bya nkomerero. Naye ekintu kimu kye ngezezzaako okuba . . .

16 Ow'oluganda Shakarian yabadde atunyumiza enkya ya leero, nga bwe yateranga okuyita mu nnyiriri z'ab'okusabirwa, nga agenda ayitaayita mu bantu n'afuna kaadi ezo abantu ze baabanga nazo nga tebannajja mu maaso, n'azeetegereza, okulaba oba—oba nga ddala bye nnabagambye by'ebyo bye baabanga bawandiiseeko. Omanyi, bawandiikako ebintu ebya buli ngeri ku kaadi zaabwe ezo ez'ab'okusabirwa, kale yayagala alabe oba nga ddala byabanga bituufu. Era yagambye nti, ku bikumi n'ebikumi bya kaadi bye yali akebedde, temwalimu wadde emu bw'eti nga ebiriko tebikwatagana na byayogeddwa. Tewaliba n'emu bw'eti nga ebiriko tebikwatagana na byayogeddwa, kubanga ka—kasita aba nga Katonda. Omulundi gwe ndikyeyingizaamu okuba nti nze nkikola, ku mulundi ogwo gwennyini lwe birisoba ne biba nga tebikyali bituufu.

17 Waliwo akawala taata waako alina w'atudde, ampuliriza mu kaseera kano kennyini, kajja gyendi, gye buvuddeko. Kaali kaloose ekirooto. Ne kambuuza nti, "Ow'oluganda Branham, ekirooto kino kitegeeza ki?"

18 Ne nkagamba nti, "Mwannyinaze, ssimanyi. Kijja kunneetaagisa okusooka okuzuula, Mukama bw'anaaba akimbuulidde." Bwentyo ne ŋŋenda ne ngezaako okubuuza Mukama, naye n'Atambuulira.

19 Akawala ne kakomawo. Ne kambuuza nti, “Kati, amakulu g’ekirooto kyange galuwa?”

20 Ne nkagamba nti, “Jangu wano, mukwano, tuula wansi.” Ne nkagamba nti, “Taata wo ne maama wo mikwano gyange nnyo. Olaba? Era baatindizze olugendo olwo lwonna okuva e Canada, nga bawummude emirimu, ne bajja okubeera wano nange. Kino bakikkiriza, kye ngezaako okwogera. Era mu bulamu bwange, ssirina muntu gwe nnali mbuulidde kikyamu, mu bugenderevu. Ssinga mba . . . Ekirooto ekyo ndabika mmanyi kye kitegeeza. Naye nga ssinnalaba kirooto ekyo nze kennyini, naye n’Ambuulira kye kitegeeza, ssirina kye nnyinza kukugamba. Kuba labayo, ssinga mmala gafunayo kye njiyaawo, wayinza okujja akaseera w’onneetaagira nga oli wakati wa bulamu na kufa, n’otasobola kunneesiga kukkiriza bye mba njogera oba obutabikkiriza.”

21 Bwe nkugamba ekintu kyonna mu Linnya lya Mukama, ddala kiba ky’ekyo kyennyini. Ekyo aba y’Akiŋŋambye. Era ne gye buli eno, emyaka gino gyonna, mu nsi yonna, okwetooloola ensi yonna, tekibangako kikyamu wadde omulundi ogumu. Kubanga . . . Era, kati, mukimanyi nti ebigambo by’omuntu obuntu tebisobola butabaamu nsobi bwenkanidde awo. Ekyo Mwoyo wa Katonda y’asobola okukikola.

22 Kale nno nnina Obubaka bwe nvunaanyizibwako. Era emirundi mingi mu bantu, ndowoozebwako nga, oboly’awo, omuntu atasooka kutuula wansi kwefumiitirizaamu ku bye njogera, nti era ndi—ndi muntu, ha, omubi ennyo, nti ssaagala bantu, era lubeerera mba mbalumya bulumya. Ate nga si bwe kiri. Ekyo si bwe kiri. Abantu mbaagala. Naye, mukimanyi nti, okwagala kugolola ensobi.

23 Katabani ko ssinga katuula mu luguudo, n’okagamba bugambi nti, “Juniya, munnange, eyo nno ssikwagalayo, naye . . . ” Nga emmotoka bwe zeetawula bwe ziyitawo ku misinde emiyitiriviu, n’ogenda n’okajjayo. N’era ne kadduka ne kaddayo. Eky’amazima, oteekwa okukagolola. Bw’oba okaagala, ojja kukikola. Oteekwa okukikola.

24 Ssinga olaba omusajja mu kaato, nga ali ku mugga, akkirira ayolekedde ebiyiriro, nga okimanyi nti akaato ako kagenda kubbira bw’atuuka ku biyiriro, onaamugamba bugambi nti, “Munnaaye nno, Yokaana, wandisoose n’olowooza ku ekyo ky’okola, oyinza obutalutonda”? Bwe nkitegeera nti taalutonde, nja kumusikambula busikambuzi okumujja mu kaato ako, bwe mba nsobola okukikola, kubanga okwagala kwe kukola ekyo.

25 Kale kaakati, mu Bubaka buno bwe mbuulira, ssigezaako kubaako njigiriza yonna gye ndeeta, oba ebintu ebirala. Ekyo nki—nkikola mu kkanisa yange. Naye ebweru eno mu basajja n’abakazi abalina amadiini ag’enjawulo n’endowooza ez’enjawulo, ngezaako okunnyonnyola, mu

ngeri ensaamusaamu; naye ate nga kimala okuba nti bw'oba wazaalibwa Omwoyo wa Katonda, nzikiriza ojja kutegeera kye ntegeeza, mu bantu Abakristaayo, Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibiteriyani, n'abalala.

26 Kati, akawungeezi kano, njagala mbikkule mu Lubereberye, essuula ey'a 24. Era njagala nsome o . . . okutandikira ku lunyiriri olw'e 12 olw'essuula ey'a 24 eya Olubereberye.

> *N'ayogera nti, Ayi* MUKAMA *Katonda . . . mukama wange Ibulayimu, ompe, nkwegayiridde, omukisa leero, olage ekisa mukama wange Ibulayimu.*
>
> *Laba, nnyimiridde wano ku nsulo z'amazzi; n'abaana abawala mu kibuga baabo bafuluma okusena amazzi:*
>
> *Kale kibeere bwe kiti, omuwala gwe nnaagamba nti, Sena ensuwa yo, nkwegayiridde, nnywe; naye anaagamba nti, Nywa, nange nnaanyweesa n'eŋŋamira zo: oyo abeere oyo gwe walagirira omuddu wo Isaaka; era bwentyo bwe nnaategeera* nga ondaze *ekisa* eri . . . *eri mukama wange.*

27 Kati ne mu Kitabo ky'Okubikkulirwa. Kiri kye kisooka mu Bayibuli, Olubereberye. Kati, mu kisembayo mu Bayibuli, njagala nsome mu ssuula ey'a 21 ey'Okubikkulirwa, olunyiriri olw'o 9.

28 Tumanyi Ekyawadiikibwa kino wano eky'omu Lubereberye kye . . . Osobola okusoma essuula yonna, bw'oba oyagadde. Kyogera ku Katonda nga atuma Eryeza. Manyanga, Ibulayimu ng'atuma Eryeza, munsonyiweko, okulondera Isaaka omugole. Era Lebbeeka alabika obulungi n'afuluma, nga okwanukula kwennyini okutuufu eri essaala eyo—eyo Eryeza, omuddu wa Ibulayimu, gye yali yaakasaba.

Kati mu lunyiriri olw'o 9 olw'essuula ey'a 21 ey'Okubikkulirwa.

> *Ne wajja omu ow'oku bamalayika omusanvu abalina ebibya omusanvu, abajjula ebibonyobonyo omusanvu eby'enkomerero, n'ayogera nange, ng'agamba nti, Jjangu,* era *nnaakulaga omugole, mukazi w'Omwana gw'endiga.*

29 Kati eky'okuyigako, ky'akawuungeezi kano, njagala kukiyita: *Okweroboza Omugole*. Era bino, muganda wange akwata obubaka buno ku ntambi bw'anaaba asobodde, luno lwe lutambi lw'oyinza okugenda mu maaso n'olufulumya ne lusaasaanyizibwa.

30 Kati, mu kino, tekitegeeza nti njogera eri kibiina kya bano bokka abali wano kati, wabula entambi zino zigenda mu mawanga gonna mu nsi. Zivvuunulwa, kyenkana, ha, mu nnimi eziwererako ddala obungi, n'ezoogerwa eyo mu mawanga agakyali mu bukaafiiri mu nsi yonna. Entambi ezo tuziweereza,

nga za bwereere, mu ngeri ya bwannakyewa okuva mu kkanisa. Ne zivvuunulwa mu nnimi endala. Era eyo yonna mu bibira by'omu Afirika, ne mu Buyindi, ne wonna mu nsi, entambi zino zituukayo.

Kaakati, okweroboza Omugole!

31 Mu bintu bingi eby'obulamu buno tuweebwa okulondako. Entambuza y'obulamu bwaffe, ku bwayo, erondebwa bulondebwa. Tulina eddembe okwekolerawo engeri eyaffe, okwerondera engeri eyaffe gye twagala okutambuzaamu obulamu bwaffe.

32 Okufuna obuyigirize kuba kulondawo. Tuyinza okusalawo oba tunaaba bayigirize, oba tetuubeere bayigirize. Okwo kusalawo kwe tulina.

33 Ekituufu n'ekikyamu kuba kulondako. Buli musajja yenna, na buli mukazi yenna, omulenzi n'omuwala, alina okulondawo oba obulamu bwe anaagezaako okubutambuza mu ngeri entuufu oba nedda. Kulondawo.

Okweroboza kintu kikulu nnyo.

34 Ekifo gy'olikomekkereza emirembe Egitaggwaawo olonda kironde. Era ob'olyawo, akawungeezi kano, abamu ku mmwe mujja ku—kukola okulondawo okwo, ku wa gye mulibeera emirembe Egitaggwaawo, nga olukuŋŋaana luno terunnaggwa akawungeezi kano. Wajja kubaawo ekiseera, lwe kiribeera nti, Katonda bw'oba omugaanye enfunda eziwera, walibaawo omulundi lw'olimugaana ogusembayo. Waliwo omusittale wakati w'okusaasirwa n'okusalirwa omusango. Era kya bulabe nnyo eri omusajja oba omukazi, omulenzi oba omuwala, okusukka omusittale ogwo, kubanga waba tewakyali kudda mabega nga omaze okusukka olukoloboze olwo. Kale nno, akawungeezi kano, kayinza okuba nga ke kaseera abangi we bana—we banaasalirawo, wa gye balimalira obulamu bwabwe Obutaggwaawo obutakoma.

35 Waliwo okulondawo okulala kwe tulina mu bulamu, okwo, nga kwe kw'okulonda omubeezi gwe tunabeera naye mu bulamu. Omuvubuka omulenzi oba omuwala, akyatandika obulamu, awe—aweebwa eddembe okweroboza. Omulenzi omuvubuka alonda. Omuwala omuvubuka aba wa ddembe okukkiriza omulenzi oyo oba obutamukkiriza. Naye era kuba kukyali kweroboza, ku njuyi zombi. Bombi omusajja n'omukazi, balina eddembe okweroboza.

Naawe, olina by'olina okweroboza, nga Omukristaayo.

36 Olina eddembe okweroboza ekkanisa, wano mu Amerika, okusinziira ku ddembe eririwo kati, gy'osobola okukuŋŋaanirangamu. Eryo ddembe lyo nga munnansi Omumerika, okweroboza ekkanisa yonna gy'oyagala okubeeramu. Okwo kweroboza. Tokakibwa kubaako n'emu ku

zo gy'ogendamu, bw'oba toyagala. Naye bw'oyagala okukyusa okuva mu Bumesodisiti okudda mu Bubaputisiti, oba okuva mu Bukatuliki okudda mu nzikiriza eziwakanya Obukatuliki, oba endala yonna, tewali n'omu ayinza kukugamba oba okukuwaliriza okugenda mu kkanisa gundi. Eryo lye—eryo ddembe lyaffe. Demokulasiya waffe bw'atyo bw'ali. Buli muntu wa ddembe okweronderawo. Eddembe ery'okusinza nga bw'oyagala, era ekyo—ekyo kintu kikulu nnyo. Katonda atuyambe tukikuumire ddala nga bwe tusobola.

37 N'era olina eddembe ery'okweroboza. Oba. . . Bw'obaako ekkanisa gye weeroboza, osobola okulondawo oba, mu kulonda ekkanisa eno, oba onaalonda kkanisa enaakuluŋŋamya okukutuusa gy'olibeera emirembe Egitaggwaawo. Osobola okulonda ekkanisa erina ekiyiiye ky'egoberera, ky'oyinza okulowooza nti ekiyiiye ekyo kye kyokka ky'oyagala. Oba, nga n'ekkanisa eri endala nabo balina ekiyiiye ekyabwe.

38 Kati ate ne wabaawo n'Ekigambo kya Katonda, ky'olina okulondako. Olina okulondawo.

Mu ffe, mulimu etteeka eritali liwandiike, ery'okulondawo.

39 Nzikiriza alabika yali Eriya, lumu, nga ali waggulu ku Lusozi Kalumeeri, oluvannyuma lw'okwolekanya obwanga, mu kaseera ako aka kazigizigi naffe ke tunaatera okuyingiramu mu kiseera kino kyennyini. Era ob'olyawo, kandiba nga k'olimu oba nga ke ndimu, akawungeezi kano, nga tulina okukola okulondako kuno, nga bwe kyali ku Lusozi Kalumeeri. Mazima gennyini, ndowooza nga kigenda mu maaso, mu kaseera kano, wonna mu nsi. Naye mu bbanga ttono wagenda kujja akaseera w'ogenda okulonderawo.

40 Era mmwe bassebo abali wano, abalina amakanisa gammwe ag'eddiini, kino kyo mukikkirize, nti akaseera kko kajja, we mugenda okulonderawo. Mujja kuyingira mu Kakiiko akagatta amakanisa ak'Ensi yonna, bwe mutaakegatteko mujja kuba temukyasobola kusigala nga mukyali ddiini yeetongodde. Ekyo mujja kuba mulina okukikola, era okulondawo okwo kubindabinda.

41 Naye ate ekyo nakyo, kya bulabe nnyo okulinda okutuusa akaseera ako akasembayo, kubanga oyinza okukomekkereza nga oyingidde mu kintu mw'otasobola kwettakkuluza kufuluma. Omanyi, waliwo ekiseera w'oyinza okulabulwa, oluvannyuma, bw'obuuka omusittale ogwo ogw'okulabulwa, awo oba omaze okussibwako obulambe ku ludda luli olulala, nga oteereddwaako obulambe.

42 Mujjukire nti, omwaka gwa jubireewo ey'okuteebwa bwe gwatuukanga, ka—kabona yagendanga afuuwa ekkondeere lye, nga ategeeza nga buli muddu yenna bw'ali ow'eddembe. Naye omuddu bwe yagaananga okukkiriza okuteebwa kwe, kati awo yabanga alina okutwalibwa ku yeekaalu, awaabanga enkondo,

ne baddira olukato ne bamuwumula ekituli mu kutu, olwo n'aweerezanga mukama we lubeerera. Ekituli kyawumulwanga mu kutu kwe, nga akabonero ak'okuwulira. "Okukkiriza kujja nga kuyita mu kuwulira." Ekkondeere eryo yaliwulira nga livuga, naye n'atayagala kuwuliriza kye ligamba.

43 N'emirundi mingi, abasajja n'abakazi bawulira Amazima ga Katonda, n'okugalaba ne bagalaba nga ganywezebwa era nga gakakasibwa okuba nti ddala, Mazima, naye ne batayagala kugawuliriza. Wabaawo ensonga endala. Wabaawo okulondawo okulala kwe bakola, mu kifo ky'okukkiriza Amazima ne bye baba bawulidde, n'olwekyo amatu gaabwe gasobola okuggalwa eri Njiri. Ne bataddamu kugiwulira mulundi mulala. Amagezi ge nkuwa gali nti, Katonda bw'ayogera eri omutima gwo, kolerawo mu kiseera ekyo kyennyini.

44 Eriya yabawa okulondako, kwe baalina okukola: "Mulondeeko olwa leero gwe munaaweereza. Katonda bw'aba ye Katonda, mumuweereze. Naye oba nga Baali ye Katonda, gwe muba muweereza."

45 Kati, nga bwe tulaba nti ebintu eby'omubiri byonna biba kifaananyi kwe tulabira eby'omwoyo, nga bwe twayise mu ky'okuyigako kyaffe ku makya ga leero, nga tulaba ku njuba n'obutonde bwayo. Eyo ye yali Bayibuli yange eyasooka. Ne bwe nnali ssinnasoma muko gwonna mu Bayibuli, Katonda nnali mmumanyi. Kubanga, Bayibuli ewandiikiddwa buli wamu mu butonde, era bukwataganira ddala n'Ekigambo kya Katonda: engeri okufa, okuziikibwa, n'okuzuukira kw'obutonde; wamu n'okuvaayo kw'enjuba, okuyita kwayo emisana, okugwa mu nnyanga, n'efa, n'eddamu ate n'ezuukira. Waliwo ebintu bingi nnyo bye twandibadde tusobola okugeraageranyaako okulaga, Katonda mu butonde, naye bye tulina okubuuka, olw'Obubaka buno.

46 Kati, bwe kiba nga eby'omwoyo, manyanga, eby'omubiri kifaananyi ekyoleka eby'omwoyo, kitegeeza, okweroboza omugole, okwa bulijjo okw'omubiri, kifaananyi ekyoleka okweroboza Omugole, Omugole, mu by'omwoyo.

47 Kaakati, nsonga nkulu nnyo bwe tutuuka ku kulonda omukyala ow'okuwasa, omusajja, kubanga ebirayiro ebikolebwa wano bigamba nti "okutuusa okufa lwe kulitwawukanya." Bwe tutyo bwe tulina okukikuuma. Era ekirayiro ekyo okikolera mu maaso ga Katonda, nti kufa kwokka kwe kulibaawukanya. Era ndowooza tusaanye . . . Omusajja ali mu ntegeera ye entuufu, ateekateeka eby'omu maaso, asaanye okulonda omukyala oyo n'obwegendereza. Weegendereze ky'okola. N'omukazi aba alonda omusajja ow'okufumbirwa, manya aba akkiriza omusajja aba amusabye okumuwasa, asaanye okwegendereza ennyo ddala ku ky'aba akola, n'okusingira ddala mu nnaku zino. Omusajja

asaanye okusooka n'alowooza era n'asaba nga tannalonda mukyala wa kuwasa.

48 Ndowooza, leero, tulina . . . Waliwo emisango gy'okwawukana mu bufumbo miyitirivu nnyo kati, okutuusa nti wano mu Amerika ffe tusingayo mu mawanga gonna, mu bungi bw'emisango gy'okwawukana mu bufumbo. Ffe tukulembera mu nsi yonna. Mu ggwanga lino, waliwo emisango gy'okwawukana mu bufumbo mingi nnyo okusinga awalala wonna, kyokka nga lirina kuba, era nga litwalibwa okuba, eggwanga ery'Ekikristayo. Nga kivume kinene, ekiri mu kkooti zaffe ez'emisango gy'okwawukana mu bufumbo! Ndowooza nti, ekireese ekyo, kwe kuba nti abasajja bavudde ku Katonda, n'abakazi bavudde ku Katonda.

49 Naye twesanga, nti, ssinga omusajja asaba n'omukazi naye n'asabira ensonga eyo; ne kutaba kutunuulira butunuulizi maaso galabika bulungi, oba ebibegabega ebinene ebiggumivu, oba ebintu bwe bityo, oba ebirala ebisikiriza eby'ensi; naye ne basooka kutunuulira Katonda, ne bamubuuza nti, "Ayi Katonda, eno y'entegeka Yo?"

50 Ndowooza, ennaku zino, waliwo okukuusakuusa kungi nnyo, nga bwe kiri ne mu masomero. Abaana bwe—bwe bajja, ku makya, bangi ku baana mu baliraanwa bange, abo—abo mikwano gyange, bajja ne bambuuza nti, "Ow'oluganda Branham, osobola okutusabira? Tulinayo e—ekigezo olwa leero. Nna—nnasomye ekiro kyonna, naye ssiwulira nga na—nnaasobola okukikola. Nsabira." Ndowooza omwana w'essomero yenna, ssinga obeera osobodde, ssinga . . . Nga mutudde wamu n'abazadde ku lujjuliro ku makya, osobola okugamba nti, "Maama, leero John alinayo ekigezo. Leka tumusabire." Ndowooza ekyo kyandisinze ebirala byonna by'oyinza okukola mu ngeri endala yonna, oba okulingiza ebiri ku lupapula lw'omulala n'okoppa, nze ndowooza, ssinga mujja ensonga eyo ne mugisabira.

51 Era ssinga twekaliriza bye tuba tukola nga tugenda okufumbiriganwa, bwe tuba tulonda abakyala baffe, n'abaami baffe, ssinga tusooka ne tubyekaliriza! Omusajja ateekwa okusabira ddala ennyo n'obunyiikivu, kubanga ayinza okusaanyawo obulamu bwe bwonna. Jjukira nti, ekirayiro kigamba nti "okutuusa okufa lwe kulitwawukanya," kale asobola okusaanyawo obulamu bwe olw'okulondawo okukyamu. Naye bw'akitegeera nti, okulondawo kw'ali mu kukola kukyamu nga awasa omukazi atasaanidde kuba mukyala we, naye era n'agenda mu maaso n'akikola, guba gusinga ye. N'omukazi ssinga okkiriza okufumbirwa omusajja gw'omanyi nti tasaana kuba balo, kati awo guba gusinga gwe, nga omaze okutegeera ekituufu n'ekikyamu. N'olwekyo, toteekwa kukikola okutuusa nga omaze kusabira ddala n'obotola n'oyitamu.

52 Bwe kityo bwe kiri ne mu kulonda ekkanisa. Kati, oteekwa okusaba oluŋŋamizibwe mu kulonda ekkanisa gy'onookuŋŋaanirangamu. Jjukira, amakanisa gaba n'emyoyo gyago.

53 Kati, saagala kukolokota. Naye ndaba nga nkaddiye, era lumu ku nnaku zino, ndiba nnina okuva ku nsi. Era nnina okwanukula ku Lunaku lw'Omusango olw'ebyo bye njogera akawungeezi kano oba omulundi omulala gwonna. Kale, n'olwekyo, nnina okubeerera ddala omwesimbu era nga ngoberera okulumirizibwa kwange mu mazima.

54 Naye, ggwe ojje ogendeko mu kkanisa, era bw'onaaba ow'okwetegereza enneeyisa y'abantu b'ekkanisa eyo, ggwe weetegereze bwetegereza omusumba okumala akabanga, ojja kukizuula nti emirundi mingi ekkanisa yeeyisa nga omusumba waayo. Oluusi, nneewuunya oba tetukomekkereza nga tufunye myoyo gya bannaffe mu kifo ky'okufuna Omwoyo Omutukuvu. Ogenda n'otuuka mu kifo nga omusumba waawo mukalubo era nga ebintu abikola mu ngeri eyo, ogenda okukizuula nga n'ekibiina bwe kiri. Ssinga nkutwala mu kkanisa omusumba waayo gy'ayimirira, n'anyeenya omutwe gwe ng'aguzza mu maaso n'emabega. Bw'onaatunuulira ekibiina, ojja kulaba nga nabo bakola ekintu kye kimu. Bw'osanga omusumba, amala gamira buli ky'asanze, ebiseera ebisinga n'ekkanisa ye ejja kukola ekintu ky'ekimu. N'olwekyo, ssinga mbadde wa kulonda kkanisa, nnandironze ekkanisa esimbiddwa ddala, ku musingi ogw'ennono, ey'Enjiri Enzijuvu, ekkiririza mu Bayibuli mu bujjuvu bwayo, ssinga mbadde wa kubaako gye nnonda ey'okukuŋŋaanirangamu n'ab'amaka gange. Okulondawo. Nnatunula . . .

55 Jjuuzi, abavubuka, mutabani w'Ow'oluganda Shakarian ne mukoddomi we, bannyambusa engulu wano okusabira omuvubuka, omuyimbi, omulenzi omunyirivu. Nnali nnaakadda . . . Erinnya lye, ye Fred Barker, nnali nnaakadda okuva mu lugendo. Ne bampita, nti, "Fred afa." Naye, mba ssinnaba na kuyingira mu nnyumba, obubaka obulala ne bujja nti, "Yandiba nga kati n'okufa afudde." Yagamba nti omu—omusaayi gwali gumuyiise mu bwongo, era nga asannyaladde, nga—nga ali bubi afa, nga mukyala we ayagala mmusabire.

56 Muli ne ndowooza nti, "Naye ate, ssinga ngezaako okulinnya ennyonyi, we nnaatukirayo ajja kuba yafudde dda, na kati ob'olyawo mufu." Kale kye nnakola, nnakubirawo mangu essimu ne njogera ne mukyala we ku ssimu. E—essimu ne tugiyunga, n'eteekebwa ku kutu kwa Fred. Yali takyasobola kumira. Nga bamuliisiza mu kapiira. Era bwe twamusabira, agamba nti, yabawenyako, bamuggyemu akapiira mu mumiro. Nga kati asobola okumira. Abasawo kyabalema okukkiriza. Ne babimuggyamu, ddala nga asobola okumira. Jjuuzi, yali asobola n'okutuula.

Ekkanisa; okulonda ekkanisa.

57 Waliwo essimu eyaakakubwa, gye buvuddeko katono. Enkya ya leero, waliwo omukkiriza ow'omu kkanisa yange, omukyala Omubaputisiti ddala ava e Louisville, yafudde leero ku makya ennyo. Era ab'ekkanisa yange mwe nkuŋŋaanira, ekibiina ky'abasajja abeewereddeyo ddala, baakuŋŋaanye ne baserengetayo, nga aziraga emirambo tannamussaamu ddagala limuziyiza kuvunda, ne bayimirira w'ali, ne basaba okutuusa obulamu lwe bwakomyewo mu ye. Era waali mulamu, akawungeezi kano. Abakadde b'omu kkanisa yange, kubanga, baayigirizibwa okukkiriza nti ebintu byonna biyinzika, bw'ojja eri Katonda mu bwesimbu.

N'olwekyo, oteekwa okukola okulondako okutuufu.

58 Ekirala, ekika ky'omukazi omusajja gw'aba alonze, kijja kulaga ebigendererwa by'omusajja oyo n'empisa ze. Omusajja bw'alonda omukazi omukyamu, kyoleka empisa z'omusajja. N'ekyo kye yeesiba nakyo, kiragira ddala kiki ekimulimu. Omukazi ayoleka ekyo ekiri mu musajja bw'amulonda okuba mukyala we. Kiba kiraga kiki ekiri munda mu ye. Ku ngulu ne bw'ayogera biki, ggwe tunuulira ekyo kye yawasa.

59 Bwe ŋŋenda mu wofiisi y'omusajja, n'agamba nti Mukristaayo; ne ndaba nga atimbyetimbye agantuntu ku bisenge kwonna, nga awuliriza ebiyimba ebyo ebya boogie-woogie eby'okwetigoonyola. Ssifaayo ne bw'ayogera ebyenkana wa. Bye yeeyogerako ssiyinza kubikkiriza, kubanga omwoyo gwe guliisibwa ku bintu ebyo eby'ensi. Watya, ka tugeze, ssinga awasa akawala akayimba ku myoleso, oba n'awasa omuwala eyeegabangula, oba kale omuwala alabika obulungi ennyo, enkucwa ey'omulembe? Ekyo kyoleka, kiraga kifaananyi ki omusajja oyo kyalina mu mutima gwe, eky'amaka ge ag'omu biseera eby'omu maaso bwe galifaanana, kubanga oyo ye mukazi gw'aba alonze okumukuliza abaana be. Era kyonna omukazi oyo ky'ali, bw'atyo bw'aba ajja okukuzaamu abaana abo. N'olwekyo, kiba kiraga ekiri mu musajja oyo. Omusajja atwala omukazi afaanana bw'atyo, kiba kiraga kiki ky'alowooza ku biseera eby'omu maaso.

60 Oyinza okukuba akafaananyi nga Omukristaayo akola ekintu ekifaanana bwe kityo? Nedda, ssebo. Ssisobola. Omukristaayo omutuufu tajja kunoonya ba nnalulungi ba ngeri eyo, na bawala abayimba ku myoleso, wadde abeegabangula. Ky'ajja okunoonya z'empisa ez'Ekikristaayo.

61 Kati, tosobola kufuna buli kimu, wayinza okubaawo omuwala omu nga ddala alabika bulungi, nga waliwo n'omuwala omulala, nga ate ye ob'olyawo, alabika bulungi okusinga ku *ono*, kale nga kiyinza okukwetaagisa okwerekereza omu n'otwala omulala. Naye bw'ataba mukyala wa mpisa, manyanga omukazi, era nga si . . . Ssifaayo oba alabika bulungi oba talabika bulungi,

kisingako n'otunuulira mpisa ze, si nsonga oba alabika bulungi oba talabika bulungi.

62 Kati, kubanga, kirungi, Omukristaayo bw'aba wa kulonda mukyala wa kuwasa, asaanye alonde omukazi nga ddala, yazaalibwa omulundi ogw'okubiri, nga tafuddeeyo nnyo ku ndabika ye. Ekyo ky'ali, kye kisinga obukulu. Ate era, n'ekirala, ekyo kiba kiraga empisa z'omusajja ono ez'okutya Katonda, era kiba kiraga kiki ekiri mu mutima gwe n'ebiseera bye eby'omu maaso bwe biribeera, kubanga omukazi afaanana bw'atyo y'agenda okumukuliza abaana be, ku lw'entegeka z'omu biseera eby'omu maaso ez'amaka ge.

63 Ssinga abaako akamu ku buwala buno enkucwa ez'omulembe, obwegabangula, k'awasa, aba alina kusuubira ki? Maka ga ngeri ki g'aba asuubira okuba nago? Ssinga awasa omuwala nga mu ye talinaamu mpisa zimala kusigala waka n'alabirira maka, wabula nga ayagala agende abeeko ne wofiisi y'omuntu mw'akolera, oyo abeera anaabeera mukyala w'awaka wa ngeri ki? Muba mujja kubeera na bakozi abalabirira abaana na buli kimu. Mazima ddala.

64 Kati, ssikiriziganya nnyo kiri awo na ndowooza eno ey'omulembe, ey'abakazi okukola. Bwe ndaba abakazi bano nga bambadde yunifoomu zino, bavuga bwe balawuna mu kibuga kino, ku pikipiki, nga abasirikale ba poliisi, kya buswavu nnyo eri ekibuga kyonna ekiganya omukazi okukola emirimu nga egyo. Mukiraba? Mukiraba? Nga waliwo abasajja bangi abatalina mirimu, kiraga endowooza ey'omulembe guno ekibuga kyaffe gye kirina. Kiraga bwonoonefu. Tetusaanidde kuddira bakazi kubateeka bweru eyo mu ngeri etyo. Tebasaana kukola mirimu nga egyo.

65 Omusajja Katonda bwe yamuwa omukazi, yamuwa ekintu ekisingayo obulungi kye yali asobola okumuwa, nga oggyeeko obulokozi. Naye omukazi bw'ayagala agezeeko okwezza ekifo eky'omusajja, olwo aba kumpi afuuse ekintu ekisingayo obubi omusajja ky'ayinza okuba nakyo. Kaakati, ago ge mazima. Mukiraba?

Kati tusobola okukiraba nga kigeraageranyiziddwa mu by'omwoyo.

66 Ma—mmanyi ekyo kibi, mulowooza nti kibi, naye ge Mazima. Tetulina kufaayo ku butya bwe kiri ekibi, kuba amazima tetulina kugeebalama. Ekyo Bayibuli ky'eyigiriza. Mukiraba?

67 Kati, wano tulabira ddala bulungi entegeka ey'omwoyo bw'eri, ey'entegeka ya Katonda ey'Amaka Ge ag'omu biseera eby'omu maaso n'Omugole We gw'aliba naye, nga etandika okweyoleka.

68 Ssinga omusajja awasa omukazi amala geegabangula, olabirawo ky'aba anoonya mu biseera eby'omu maaso. Ssinga

omusajja awasa omukazi atayagala kusigala waka, olabirawo ky'aba anoonya mu biseera eby'omu maaso. Era nze olumu . . .

69 Kino kiwulikika bubi. Naye mpulira nga njagala nkyogere. Ate nze—nze, bulijjo, bwe mpulira nga waliwo ekintu kye njagala okwogera, mba nsaanye nkyogere. Era ebiseera ebisinga Katonda bw'aba akyagala.

70 Nna—nnateranga okugenda n'omulunzi w'amagana g'ente gwe nnakolanga naye, ne tugenda okugula ente. Era nnakizuula nti omukadde oyo yeekalirizanga nnyo ente butereevu mu maaso nga tannatandika kugiramuza. Ekyo bwe yakivangako n'agikyusa omutwe, n'agyekkaanya mu maaso n'emabega. Nze nnabanga mmugoberera, nga bwe mmwetegereza. N'agyekkaanya okuva waggulu okutuuka wansi, alabe enkula yaayo, oba nga nnungi. Bwe yamalanga n'akyuka n'agitunuulira mu bwenyi, era oluusi yanyeenyanga bunyeenya omutwe ne yeetambulira.

Ne mmugamba nti, "Jeff, waliwo kye njagala okukubuuza."

Ko ye nti, "Buuza, Bill."

71 Ne mmubuuza nti, "Ente eyo lwaki osookanga kugitunuulira mu maaso?" Ne ŋŋamba nti, "Nze mba ndaba erabika bulungi, nte nnungi—nnungi era nzito."

72 N'aŋŋamba nti, "Njagala nkubuulire, muvubuka, okyalina bingi eby'okuyiga." Era nna—nnakizuula luvannyuma nga amaze kumbuulira. N'agamba nti, "Ssifaayo oba yakula etya. Eyinza okuba n'ennyama ewera, okutuukira ddala ku binuulo byayo. Naye mu maaso bw'eba erabika nga etunuza bukambwe, eyo togulanga."

Ne mmubuuza nti, "Nga lwaki, Jeff?"

73 "Kubanga," n'agamba nti, "ekisooka kiri nti," n'agamba, "teritereera wamu." N'agamba nti, "Ekiddako kiri nti, teribeera maama wa nnyana yaayo." N'ayongera n'agamba nti, "Olaba kati bagisibira mu lugo, era y'ensonga lwaki nnene. Naye n'omala ogisumulula, n'entunula yaayo eyo ey'obukambwe, ejja kudduka okutuusa lw'enetta yokka."

74 Ne mmugamba nti, "Ndabika nno, nnina kye njize. Ekyo nzikiriza abakazi, nabo kibakwatako." Kituufu. Kituufu.

75 Entunula eyo, ey'obukambwe, n'obubambaavu, oyo mwewalire ddala, muvubuka, ebyo birangi ebya bbululu bye yeesiize ku maaso yenna. Era nze nnali ssi . . . Nze ssirina bwe nnyinza kubyagala ebyo. Era ssirowooza nga n'Omukristaayo asaanye okubyesiiga. Ssifaayo oba ttivi n'empapula z'amawulire zibyogera ebyenkana wa nga bwe birabisa obulungi. Nze gyendi kye kintu ekyesisiwaza, ekikyasinzeeyo okundabikira obubi kye nnali ndabye mu bulamu bwange.

76 Lwe nnasooka okukiraba, nnakirabira wano mu Clifton's Cafeteria, lumu ku makya, bwe twali ku kyenkya . . . Nnalaba

abakyala abo abato nga bajja bati. Ow'oluganda Arganbright wamu nange, twali twakatuuka. Kati ye yali akkiridde ku mwaliiro ogwa wansi. ŋŋenda okulaba, nga omuwala oyo ayingira. Muli ne ŋŋamba nti, "Kino nno, kyo si—si—si—ssikimanyi." Nnali ssikirabangako. Kyalabika nga si kya bulijjo. Ha, kyalabikanga yenna eyali aliiriddwa kookolo, omanyi, nga yenna alabika bubi. Kino si—ssikyogera kwagala kubasesa busesa, nkyo—nkyogera oku. . . Omanyi, ndabyeko ku balwadde b'ebigenge, ndi muminsani, ndabyeko ku bintu ebyesisiwaza ebya buli ngeri, omanyi, engeri. . . endwadde, kale nnali ŋŋenda kutuukirira omuwala oyo mmugambe nti, "Ndi—ndi—ndi muweereza, nsa—nsabira abalwadde. Wa—wandyagadde nkusabire?" Kubanga nnali ssirabanga ku kintu kifaanana bwe kityo. Okugira kuti, ate ne wajjawo abalala nga babiri oba basatu, ne bayingira. Ne mba nga addamukko emabega ne nsooka nninda.

77 Ow'oluganda Arganbright n'akomawo, kye nnava mmubuuza nti, "Ow'oluganda Arganbright?" Ayinza n'okuba nga waali wano. Nnamubuuza nti, "Oyo omukazi yaba ki?" Mulaba?

N'anziramu nti, "Eyo, langi."

78 Ko nze nti, "Kyokka, bannange, bannange!" Mukiraba? Nze nnali ndowooza nti oba basaanye babeeko awantu aweekusifu we bamusibira, omanyi, ekirwadde kino ekimuliko kireme kusaasaana aleme kukisiiga bakazi abalala bonna.

79 Naye, omanyi, olina okweteeekateeka, weetegereze, osabe, bw'oba nga otuuse okulonda. Kubanga, kino, tukiraba, okuyita mu Kigambo ekyasuubizibwa. Omukazi, omugole omukazi omusajja gw'anaalonda, agenda kwoleka embala y'omusajja oyo. Kiraga kiki ekiri mu musajja oyo.

80 Kati, muli oyinza okukuba akafaananyi, nga omusajja eyajjula Omwoyo Omutukuvu, atwala ekintu ekifaanana bwe kityo okubeera mukazi we? Nze ssi—ssi—ssikiraba n'akatono, ow'oluganda. Ob'olyawo nnandiba nga nze mubuyabuya atategeera bino. Naye, mumanyi, ekyo kyo ssi—ssisobola kukitegeera, mulaba, mulabeeyo, kubanga kigenda kwoleka ekyo ekiri mu musajja. Omukazi oyo y'agenda okumuyamba okukola amaka ge ag'ebiseera eby'omu maaso.

81 Kaakati, kati, bwe tukyusaako katono, ne tudda ate ku ludda olw'omwoyo. Kati bw'olaba ekkanisa nga eri mu bintu by'ensi, nga yeeyisa nga nsi, nga etambulira ku ntambula ya nsi, yeenyigira mu bintu by'ensi, nga engeri gye batwalamu Amateeka ga Katonda galinga gy'oli nti n'okugawandiika Tagawandiikangako, awo omanya—bumanya nti Kristo tagenda kutwala Mugole afaanana bw'atyo. Ggwe muli oyinza okukuba akafaananyi nga atwala ekkanisa y'ennaku zino ey'omulembe nga ye Mugole? Ekyo Mukama wange tasobola

kukikola. Ssiki . . . Ekyo ssiraba bwe kisoboka kubaawo. Nedda. Mujjukire, kati, nti omusajja ne mukyala we babeera omuntu omu. Ggwe osobola okwetaba n'omuntu afaanana bw'atyo? N'omala okikola, nze mazima gennyini nkujjamu obwesige.

82 Kaakati, ate olwo, Katonda Ye ayinza atya okwetaba n'ekintu ekifaanana bwe kityo, eddiini malaaya ewedde emirimu? Mulowooza Ayinza okukikola, "Nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda naye nga beegaana amaanyi gaakwo"? Tayinza n'akatono kukikola. Omugole ateekwa okuba n'embala Ye mu ye. Ekkanisa yennyini, entuufu, eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri eteekwa okuba n'e—n'embala eyali mu Kristo, kubanga omwami n'omukyala bali omuntu omu. Kale Yesu bw'aba yakola ebyo byokka ebyasanyusanga Katonda, n'akuuma Ekigambo Kye era n'ayolesa Ekigambo Kye, n'Omugole We ajja kuba wa mbala y'emu eyo. Tewali w'asobolera, n'akamu, kubeera kibiina kya ddiini. Kubanga, eddiini, k'oyagale otya okugaana nti, "nedda," waliwo akakiiko awantu awamu akagifuga, akagiragira by'eteekwa okukola ne by'etateekwa kukola, ate nga, emirundi egisinga obungi, bibeera byawukanira ddala ku Kigambo eky'amazima mayiro bukadde na bukadde.

83 Kibi nnyo okuba nti twava ku Mukulembeze omutuufu Katonda gwe yatulekerawo okukulembera Ekkanisa. Tatumangako balabirizi ba masaza. Tatumangako balabirizi, bakalidinaali, baffaaza, ka babe bapaapa. Ekkanisa Yagitumira Mwoyo Mutukuvu, y'aba akulembera Ekkanisa. "Ye Omwoyo Omutukuvu bw'alijja, Alibaluŋŋamya mu Mazima gonna, ababikkulire ebintu bino, bye Mbagambye, abibajjukize, era alibalaga n'ebintu ebigenda okujja." Ekyo Omwoyo Omutukuvu kye yali alina okukola. Naye kati, ekkanisa ey'omulembe Ekyo ekikyawa. Tebakyagala Ekyo, kati eyinza etya okuba nga yo ye Mugole wa Kristo? Abantu b'ennaku zino bali mu kulondawo kibiina kya ddiini eky'omulembe. Era ekyo, kiraga bulazi ntegeera yaabwe ey'Ekigambo nga bw'eri enkyamu.

84 Ssigenderera kubaako gwe nnumya, wabula kye nnoonya kwe kukinnyikiriza ddala musobole okukyekkaanya.

85 Ngasse emigogo gy'abagole mingi, naye buli mulundi kinzijukiza ku Kristo n'Omugole We. Emu ku mbaga ze nnali ngasse wano, ekiseera eky'emabegako, kya—kyali kintu kya nkukunala mu bulamu bwange. Wayiseewo emyaka egiwerako, nnali nkyali muweereza muto.

86 Muganda wange yali akola mu—mu kitongole kya gavumenti eky'obuzimbi ekyali kiyitibwa PWA. Simanyi oba waliwo akyakijjukira, leero, oba tewali, mu abo bwe twenkanya emyaka. Kati eyo yali pu—pulojekiti ya gavumenti. Era eyo muganda wange gye yali akolera, mayiro nga asatu engulu eyo. Baaliko ennyanja ze baali basima, yali pulojekiti ya kukuuma butonde.

87 Kati waaliwo omulenzi naye eyakoleranga engulu eyo, eyakolanga naye, nga ewabwe Indianapolis, nga ze, ha, mayiro nga kikumi mu mambuka ga Jeffersonville gye—gye mbeera, manyanga gye nnabeeranga. Kati waaliwo o. . . Lumu, yagamba muganda wange, n'amugamba nti, "Doc," n'agamba nti, "nja—njagala. . . ŋŋenda kuwasa, kasita nfuna nti ssente ezimala okusasula omubuulizi." N'agamba nti, "Sse—ssente ez'okusasulira satifiketi yange ey'obufumbo eya gavumenti zo nzirina, naye," n'agamba nti, "ssente z'okusasula omubuulizi zo ssinnaziweza."

88 Doc n'amugamba nti, "Nze, muganda wange mubuulizi, era—era a—asobola okubagatta." N'agamba nti, "Ye tasasuza bantu ssente ku bintu nga ebyo."

N'amugamba nti, "Onaamumbuuliza oba anaatugatta?"

89 Kati, ekiro ekyo muganda wange n'ambuuza. Ne mmuddamu nti, "Omulenzi bw'aba nga tawasangako, nga bombi tebabeerangako mu bufumbo, era nga ba. . . ensonga zaabwe zonna kasita ziba nga nnambulukufu."

N'aŋŋamba nti, "Oo, kale, nja kumubuuza."

Ne mmugamba nti, "Bwe binaaba nga byonna birambulukufu, mugambe, bajje."

90 Kale, Olwomukaaga bwe lwatuuka omuvubuka n'ajja. Kibaddenga kintu kikulu gyendi, buli lwe nzijukira ekintu kino. Nnali. . . Lwali lwegguloggulo awo enkuba yali etonnyerera, ŋŋenda okulaba nga emmotoka enkadde ey'ekika kya Chevrolet ekyama, nga amataala gaayo ag'omumaaso gasibisiddwa n'embaati zino ezisiba endibota, n'ekyama awaka, emiryango. Waali wayiseewo akaseera kasookedde nfiirwa mukyala wange, nga mpangisa, akazigo ka busenge bubiri. Era—era twaliyo ne Doc, nga tubalinze.

91 Bw'atyo—bw'atyo omulenzi n'afuluma mu mmotoka, naye nze, teyandabikira nga mugole musajja agenda kuwasa bwe yandifaananye, era ndowooza, n'eri omuntu omulala naye teyandimufaananidde nga kawasa mugole. Ddala. Nnali nsobola okwegulira omugogo gw'engatto ennungi, ku doola emu n'ekitundu. Naye ye alina ze yali ayambadde, nga zonna zikunjubuse ziweddewo. Nga n'empale gy'ayambadde nnene ku ye. Yali ayambadde n'ekkooti eno eseerera. Ssirowooza nga abamu ku mmwe ab'edda muyinza okujijjukira. Nga yonna erabika nga eyasuuliddwa mu kyuma ekyoza engoye okwozebwa wabula n'etanyumunguzibwa, nga yesazeemu ebibambya, yeefunyizza *eti*, nga ekibegabega kisongodde waggulu.

92 Ne—ne mu luggi olulala nayo ne wafulumayo omuwala omuto, ha, nga ayambadde akateeteeyi ak'obweso.

93 Ssimanyi bwe bakayita. Lumu nnasobya, engoye ekika ekyo ne nziyita erinnya ekkyamu. Gingham, ndowooza bwe baluyita.

Kale lwali . . . [Ekibiina ne kiseka—Omuk.] N'era nkyogedde bubi. Bu—bulijjo kinnema. Kati ne ŋŋamba . . .

94 Omuwala n'afuluma mu mmotoka, ne bambuka amadaala. Kati—kati bwe baayingira, mukazi wattu bambi, n'a . . . ndowooza, kyenkana, ekintu kyokka kye yali ayambadde ekitegeerekeka yali sikaati. Nga, tayambadde na ngatto, kyenkana. Yayimirizanga mmotoka n'asaba bamuleeteko buleesi ku bwereere, okuva mu Indianapolis okutuuka eno. Yalina akaviiri akalange, akaali kamulengejjera ku mugongo, obuviiri obuwanvu obulange, nga bumulengejjera ku mugongo. Nga alabika nti ddala akyali muto.

Ne mmubuuza nti, "Oweza emyaka egikkirizibwa okufumbirwa?"

95 N'anziramu nti, "Yee, ssebo." N'agamba nti, "Nnina ebbaluwa enzikiriza okufumbirwa kitange ne mmange gye bampandiikidde." N'agamba nti, "Nnabadde nnina okugiragayo wano mu—mu kkooti, okusobola okufuna satifikeeti yange ey'obufumbo eya gavumenti."

96 Ko nze nti, "Kale." Ne mbagamba nti, "Njagala okwogerako nammwe nga tetunnakola mukolo guno ogw'okubagatta." Ne batuula wansi. Omulenzi n'abeera nga asamaalirira mu ddiiro; nga enviiri ze zeetaagira ddala okusalako. N'abeera nga asamaalirira mu ddiiro. Nga tampuliriza. Ne mmugamba nti, "Mutabani, njagala owulirize bye njogera."

N'anziramu nti, "Yee, ssebo."

Ne mmubuuza nti, "Omuwala ono omwagala?"

N'addamu nti, "Yee, ssebo. Mmwagala."

Ne mbuuza omuwala nti, "Ggwe omulenzi omwagala?"

"Yee, ssebo. Mmwagala."

97 Ne mbuuza omulenzi nti, "Kati, olina w'ogenda okubeera naye nga mumaze okufumbiriganwa?"

N'addamu nti, "Yee, ssebo."

98 Ne ŋŋamba nti, "Kale. Kati," ne ŋŋamba nti, "waliwo kye njagala okukubuuza. Nkimanyiiko nti, okolera ngulu eri mu kitongole kya gavumenti ekya PWA."

N'addamu nti, "Yee, ssebo." Kitegeeza yali asasulwa ddoola nga kkumi na bbiri zokka buli wiiki.

Ne mmubuuza, "Olowooza onaasobola okumulabirira?"

N'addamu nti, "Nja kukola kyonna kye nsobola."

99 Ne ŋŋamba nti, "Kale, ekyo kirungi." Ne mbuuza omuwala nti, "Kati, watya ssinga gumuggwaako . . . Watya ssinga balo omulimu guno gumuggwaako, mwannyinaze? Onaakola otya, onadduka kuddayo wammwe, ewa nnyoko, ne kitaawo?"

N'addamu nti, "Nedda, ssebo. Nja kumunywererako."

100 Ne mbuuza omulenzi nti, "Kaakati, ssebo, ssinga muliba n'abaana basatu oba bana, nga temulina kya kubaliisa, ate nga tolina na mulimu gwonna. Olikola otya, omukyala olimugoba bugobi?"

101 N'addamu nti, "Nedda, ssebo. Ndifuba ne ntetenkanya. Tuliyiiya, ne tubaawo."

102 Nnawulira nga nsoomoozeddwa. Ne ndabira ddala nga amwagala, era nga bombi baagalana. Ne mbagatta.

103 Naye ne nsigala nga nneebuuza wa gy'amututte. Nga waakayitwo ennaku ntono, ne mbuuza muganda wange, Doc, gye babeera. N'aŋŋamba nti, "Genda mu New Albany," akabuga akaali katuliraanye ekyemmanga.

104 Kati eyo ku mabbali g'omugga, gye nnali nnatuuma ebibaati gye nnagendanga buli lunaku nga nkya—nkyakola ogw'okukebera waya z'amasannyalaze n'essimu. Kale bakozi bannange bonna, bwe baabanga batudde, nga basaagasaaga n'ebirala, nze nnayingiranga mu mmotoka ne nserengeta eyo emmanga ku mugga ne mbeera mu kusaba mu kaseera bwe katyo, munda eyo, ne nneesomera Bayibuli yange, wansi w'olubaati olunene awaali ekkolero ly'ebyuma ekkadde. Waaliyo bi bboogi ebikadde.

105 Kale musajja wattu ono yagenda emmanga eyo n'afunayo ki bboogi kimu ku byo n'ayiiyizaamu oluggi. N'addira empapula z'amawulire n'amapeesa aga baagi.

106 Bameka abamanyi eppeesa lya baagi? Ekitegeeza, wano tewali basibuka mu Kentucky. Kati, okwata ekibookisi bino eby'omubiri omunene, n'okifumitamu ka ppini, wamu n'akati akatini. N'okanyigira mu . . . Eryo lye ppeesa erya bbaagi.

107 Kale, baali bagatimbyemu mwonna. N'ayambuka engulu mu kkolero ly'ebyuma n'abaako ne bye yafunayo, n'abikolamu amadaala, ag'okuyingirirako mu nju yaabwe. N'afunayo n'ebibookisi ebikadde, n'abikolamu emmeeza. Kati lumu, ne ndowooza nti, "Nja kuserengetako emmanga eyo ndabe bwe bali."

108 Emyezi mukaaga nga ebyo tebinnabaawo, nnali nnagatta muwala wa E.V. Knight ne mutabani wa E.T. Slider mu bufumbo. E.V. Knight, omu ku bannaggagga abasingayo ku Mugga Ohio, era, ha, amakolero ge gajjudde eyo yonna, agakola ebisenge by'ennyumba bino bye bayunga obuyunzi, n'ebirala. Ate—ate Slider, E.T. Slider, ye nnannyini kampuni y'omusenyu n'enkokoto, nga bombi baana ba bannaggagga. Kati nze nnali nnabagatta mu bufumbo.

109 Era nneetawula okugenda mu kifo ekyo, okumala wiiki nga bbiri nga twegezaamu, nga bwe nnyingira munda ne nfukamira ku katto. Mazima ebintu by'ekikungu byali bingi na buli kimu bye nnayitamu, kumpi, bye nnalina okuyitamu, okusobola

okugatta abagole abo! Era bwe baamala okugattibwa, bo, baali . . . Omugogo gw'abafumbo bano abalala bo baali mu ddiiro ekkadde mwe twalina akatebe n'akatanda akayitibwa banko, naye emigogo gino gyombi gyali gyagattibwa mu ngeri y'emu.

110 Kati, lwali lumu, ne ndowooza okukkirirako emmanga eyo nkyalire ku bafumbo bano abagagga. Bo kyali tekibeetaagisa na kukola, bazadde baabwe baali bannaggagga, nga baabazimbira amaka amalungi. Mu butuufu, ono E.V. Knight, wano engulu, ku kasozi, eminyolo gy'enzigi z'enju ye gyakolebwa mu zaabu owa kkalati kkumi na nnya ku lubiri lwe luno olunene, kale oyinza okukuba akafaananyi maka ga kika ki ge babeeramu. Kyali tekibeetaagisa na kukola. Baaweebwanga emmotoka y'ekika kya Cadillac ennungi empya buli mwaka. Ate, be baana bokka be baalina, kale baalina buli kimu kye baagala. Lumu bwe nnayambukayo . . .

111 Kati, engeri gye twasisinkanamu, waliwo omu ku mikwano gyabwe eyali mukwano gwange nnyo. Twali banywanyi. Kale bwe ntyo bwe twajja okumanyagana, ne baagala mbagatte mu bufumbo.

112 Kale nnagendayo mbakyalireko. Ne nfuluma Ford yange enkadde, mu luggya lwabwe, ne nnyambuka amadaala. Ne—ne nsemberera ddala, kumpi, ne mbawuliriza. Nga bayomba okufa. Nga buli omu abubira munne. Baali baabaddeko mu mazina. Omuwala yali mulungi nnyo. Era yali omu ku bano ba nnalulungi. Erudda eyo yawangulayo n'ebirabo bingi, n'awangula n'emmotoka n'ebirala, mu mpaka z'obwa nnalulungi. Ne mbalingiza, nga omu atudde mu nsonda emu n'omulala mu ndala, nga bayomba olw'okuba omuwala waliwo omulenzi gwe yali azinye naye, oba nga omulenzi ye yali azinye n'omuwala omulala, ekintu ekifaanana bwe kityo.

113 Bwe nnabeeraga ku mulyango, ne babuukayo mangu buli omu n'awambaatira munne awo mu ddiiro, ne bakwatagana emikono gya—gyabwe, awo mu ddiiro, ne batambula nga bajja ku luggi. Ne bagamba nti, "O, bannaye, Ow'oluganda Branham! Ogamba otya?"

Kko nze nti, "Ndi bulungi. Mmwe muli mutya?"

114 Kati, "O," omusajja n'agamba nti, "Ndi—ndi . . . Tuli basanyufu nnyo. Si bwe kiri, mukwano?"

N'omuwala n'agamba nti, "Weewaawo, mukwano." Mulaba?

115 Kaakati, mukiraba, awo obeera ky'olaga ku ngulu si ky'ekya nnamaddala ky'oli. Kati, ekifaananyi obufaananyi eky'omuliro omusiige tekiyinza kukubugumya, ng'amakanisa gano agamu bwe gagezaako okusiiga ekifaananyi kya pentekoote, ekintu ekyaliwo edda kati emyaka lukumi oba enkumi bbiri egiyise. Ekifaananyi ky'omuliro omusiige tekisobola kukubugumya. Pentekoote kintu kya nnamaddala nga bwe kyali luli. Mukiraba?

Yee. Omuliro gukyakka. Si muliro musiige busiizi. Wabula Muliro gwennyini.

116 Kale nno, bwe, bo bwe batyo bwe baali batambuza obulamu. Mukiraba? Nze—nze ssandyagadde kubeera mu bulamu bufaanana bwe butyo.

117 "Ha," muli ekirowoozo ne kinzigira nti, "omanyi, emmanga eri mu kiwonvu kumpi n'omugga, abafumbo bali abalala gye baagenda okubeera." Ne ndowooza nti, "Ndifunayo Olwomukaaga lumu olweggulo ne ŋŋenda ndaba bwe bali."

118 Kati lumu, nga nzenna nvulubanye ettaka mu maaso, nnyambadde ne ovulo eddugala, nkutte ebikozesebwa byange. Ne ndowoozamu nti, "Nja kugenda mbagweko nga tebanneetegekedde." Ne nnebbirira nga nneefudde anoonya waya ezaasusumbuka olwa laddu oba ekintu ekirala, nga bwe ngoberera waya z'essimu, waya z'amasannyalaze eziyita emabbali w'omugga. Era Chevrolet eri enkadde, yaliwo awo mu luggya. Waali wayiseewo omwaka nga gumu, okuva lwe nnabagatta mu bufumbo. Era waaliwo e—e . . . Oluggi lwali luggule, nga mbawulira nga boogera. Kati kino kyandiwulikika nga eky'obunnanfuusi, naye nnasembera kumpi ekimala nsobole okulumika, mmanye biki bye baali boogera. Ne nnyimirira awo. Nga njagala nneewulirire, nze kennyini.

119 Mba njagala nneezuulire nkakase nti kye njogerako nkimanyi. Era bwentyo bwe nkola ku Kigambo kya Katonda. Ge Mazima, oba si ge Mazima? Anaatuukiriza Ekigambo Kye oba tatuukiriza Kigambo Kye? Bw'Atatuukiriza Kigambo Kye, kitegeeza si ye Katonda. Olaba? Bw'Atuukiriza Ekigambo Kye, awo aba ye Katonda. Olaba?

120 Kale nnayagala ndabe bwe bali. Ne nsooberera ku mabbali g'enju, mpola mpola. Ne mpulira nga omulenzi agamba nti, "O, mukwano, nnabadde mpulira nga, ddala njagala ndukugulire."

121 Omuwala n'addamu nti, "Naye, mukwano, labayo." N'agamba nti, "Luno lwe nnina lumala." N'agamba nti, "Luno, lumala." N'ayongera n'agamba nti, "Webale kundowoozaako. Naye labayo . . . "

122 Ne nneekooloobya nga nsooba, nsobole okulingiriza mu lwatika, oluggi we baaluyungira ku ki bboogi. Ne nnengera omwami nga, atudde, aleze mukyala we; nga omukono gwe guli mu kiwato ky'omukyala, nga n'ogw'omukyala guli mu kiwato kya bba. Yali ayambadde enkufiira zino enkadde, nga aginyizeemu n'eggyamu ekinnya, wakati, n'ekkamu, nga mwe yali atadde ssente z'omusaala, n'azisowolayo. N'a—n'aziteeka bwati ku mmeeza. N'agamba nti, "*Zino* za mmere. *Zino* za yinsuwa. Ate *zino* z'ez'emmotoka." Bambi nga essente tezibamala. Ne nkizuula nti, yalina akateeteeyi ke yali yalaba mu dduuka, ke yatunulangako buli lunaku okumala wiiki nga bbiri buli lwe yayitangawo, akaali kagula doola emu

n'ezigwamu. Nga ayagala akamugulire. N'amugamba nti, "Naye nno, mukwano, kandikunyumidde nnyo." Omwami n'agamba nti . . .

123 Omukyala n'agamba nti, "Naye, kabiite, nni—nnina olugoye. Ako ssi—ssikeetaaga nnyo." Olaba? Kati kabiite we oyo . . .

124 Ne nzira emabega, ne ntunula waggulu. Nga wendi nsobola okulengera eki—ekitikkiro ku nnyumba eri endala. Ne nnyimirira awo ne nnengera, okumala eddakiika nga ziizo. Ne nneebuuza muli nti, "Kati ku bonna omugagga y'aliwa?" Muli ne ndowooza nti, "Ssinga, Bill Branham, ssinga obadde wa kulondako amaka agasinga obulungi, galiwa ge wandironzeeko?" Nze, ssandititutte gali amatiribona agamasamasa ku lusozi. Nnandititutte mbala y'ono ow'omu kiwonvu, omuntu afaayo okuzimba n'okunyweza amaka, omuntu anjagala mu mazima era asobola okunnywererako, omuntu agezaako okuzimba amaka; so si oli ayagala okukukamula obukamuzi okukufunamu buli kantu, okukufunamu eby'okwejalabya; wabula omuntu akunywererako, nga ali kitundu ku ggwe.

125 Ekyo kyansigala mu birowoozo, olw'engeri gye kyabaawo. Omu yalonda muwala mubalagavu, ate omulala n'alonda mbala. Kati, eyo y'engeri yokka gy'olina okulondamu. Okusooka, noonya mbala; oluvannyuma, olabe oba omwagala, awo kiba kirungi.

126 Mulabeeyo, Adamu wa Katonda eyasooka ye, si ye yeerondera omukyala. Teyafuna kakisa ka kulondawo. Katonda yamumukolera bukolezi, si ye yamwerondera. Kale tulaba nti omukazi y'eyawugula omusajja n'amujja ku Kigambo kya Katonda. Omusajja oyo teyafuna kakisa ka kusabira nsonga eyo. Ye te—te—teyali nga ggwe nange. Teyafuna kakisa ka kulondawo. Era nate, omukazi bwe yakola ekyo, yaleetera omusajja okuva mu kifo kye ekituufu eky'okubeera omwana wa Katonda. Era nga ekyo omukazi yakikola amulaga obulamu obw'omulembe obusinga ku bwe baali balimu, ate nga ekyo baali tebateekwa kukikola. Naye enneeyisa y'omukazi yalaga bwe yali omukyamu. Ebigendererwa bye n'ebiruubirirwa bye byombi byali bikyamu. N'amusendasenda, nga ensonga gy'awa, mbu omusana omupya ogw'omulembe gwe yali azudde, ogwali gukontana n'Ekigambo kya Katonda, mbu mu ggwo baali bafunye obulamu obusingako obulungi ku bwe baalina.

127 Kati bakazi bameka olwa leero, n'abasajja, bameka, abasobola okuwabya omukazi omutuukirivu ne bamujja ku Katonda, oba okuwabya omusajja okuva ku Katonda, nga bamugamba mbunno, "Eno eddiini yammwe, bavubuka mmwe, Abapentekoote, eyo eddiini yammwe," ne bagamba mbu, "ha, eyo yava dda ku mulembe, ebyo byadiba, temubikkiriza ebyo." Osaanye okusooka okusaba ennyo ddala nga tonnawasa muwala

oyo, k'abe mulungi atya ekyo si kye kikulu. Naawe omukazi kola kye kimu ku musajja oyo ow'okukuwasa.

128 Omukazi yasendasenda omusajja n'amuwugula n'amujja ku Katonda bye yali ayagala n'amukozesa ekintu kye yali tateekwa kukola, era, ekyo, ne kiviirako olulyo lw'abantu bonna okufa. Eyo y'ensonga lwaki Bayibuli emugaana okuyigiriza oba okuba n'obuvunaanyizibwa obw'okubuulira Ekigambo kya Katonda, mu ngeri yonna.

129 Mmanyi, bannyinaze, bangi ku mmwe mugamba nti, "Nze Mukama yampita okubuulira."

130 Ssigenda kuwakana nammwe. Naye kye ŋŋenda okubabuulira kiri nti, Ekigambo kibagaana okukikola. "Omukazi taayigirizenga, era takkirizibwa kwetulinkiriza kwewa buyinza, wabula asirikenga."

"Naye," ojja kuŋŋamba nti, "nze Mukama ye yaŋŋamba nkikole."

131 Ekyo ssikibuusabuusa n'akatono. Mwawulira Obubaka bwange akawungeezi ka luli obukwata ku Balamu? Balamu okusooka, yawulirira ddala okusalawo kwa Katonda okw'enkomeredde okwali kugamba nti, "Togeza n'okikola." Naye n'agenda nga yeesiruwaza okutuusa ku nkomerero Katonda we yamugamba agende akikole.

132 Katonda ayinza okumala gakuganya n'akuleka n'obuulira. Ssigamba nti teyakuganya. Naye okusinziira ku Kigambo Kye nnakabala n'entegeka Ye si bwe kiri. "Kubanga omukazi alina kuba nga afugibwa, era nga n'amateeka bwe galagira." Ago ge mazima. N'olwekyo, takkirizibwa kubuulira.

133 Kaakati, nate era mwekkaanye engeri omugole ow'omubiri bw'afaanana ng'ageraageranyiziddwa n'ow'omwoyo. Ekigambo kigamba, nti, "Omukazi yakolebwa ku lwa musajja, omusajja si ye yakolebwa ku lw'omukazi."

134 Kaakati, mu ddakiika ntono, ŋŋenda kwogera, ku Mugole wa Kristo, naye nkyagezaako kubalaga musingi gwakyo.

135 "Omukazi yakolebwa lwa musajja, omusajja si ye yakolebwa olw'omukazi." Eyo y'ensonga lwaki, mu mateeka ag'edda, okuwasa abakazi abasukka mu omu kyali kikkirizibwa. Laba Dawudi ng'atudde awo n'abakyala be ebikumi bitaano, naye Bayibuli n'egamba nti, "Yali musajja eyalina omutima nga ogwa Katonda mwene." Nga alina abakyala bitaano, ne Sulemaani nga alina lukumi, naye ku bakyala abo nga tekuli akkirizibwa kuba na bba mulala.

136 Ggwe funa olutambi lwange olw'obubaka obw'*Okufumbiriganwa n'Okwawukana*. Bwe, nnali ku lusozi eri waggulu mu Tucson, ebbanga si ddene eryakayita, nga ndi waggulu eyo nsabira ensonga eyo. Lwe baasiibula abaana b'amasomero badde eka, basobole okulengera Empagi y'Omuliro

eyo eyali yeetooloolera ku lusozi nga yeebonga, nga bw'eva eno bw'edda eno, nga bw'etumbiira ate n'ekka. Abantu abaliraanye wano bakimanyi, ekyo, era baagiraba; bwe Ya. . . bwe Yambuulira Amazima agakwata ku bibuuzo ebyali byebuuzibwa ku nsonga z'okufumbiriganwa n'okwawukana. Bwe wabaawo oluuyi olumu nga ludda *eno*, n'olulala ludda *eri*, wateekwa okubaawo wakati awali Amazima. Era oluvannyuma lw'Obubonero obwo Omusanvu, yamala n'Alaga Amazima ku nsonga eyo.

137 Mwekkaanye, kati, omukazi tasobola kuba na baami basukka mu omu, kubanga, "Omukazi yakolebwa ku lwa musajja, omusajja si ye yakolebwa ku lw'omukazi." Ekibinja ky'abakyala ebikumi ebitaano abo bonna baali mukyala wa Dawudi omu, era kyali kifaananyi ekirina amakulu ge kyoleka. Kristo bw'alituula ku Ntebe ey'obwakabaka mu kufuga okw'Emyaka olukumi, Omugole We taliba muntu omu, wabula baliba mitwalo na mitwalo, Omugole, bonna mu Omu. Kale Dawudi yalina abakyala bangi, nga ba ssekinnoomu, naye bonna awamu baali mukyala we omu. Nga n'Omubiri gw'abakkiriza gwonna mu bulamba bwagwo bwe guli Omugole wa Kristo, kubanga Oyo Omu, ye mukazi. Ye ye Musajja. Kati, ffe twakolebwa ku lwa Kristo. Kristo si ye yakolebwa ku lwaffe.

138 Ebyo bye tugezaako okukola ennaku zino mu bitabo byaffe mwe batusomeseza, nga tugezaako okuddira Ekigambo (ekyo nga ye Kristo) kye kiba kituukana naffe, mu kifo kyaffe okuba nga ffe tulina okutuukana n'Ekigambo. Awo we byawukanira.

139 Omusajja bw'abaako omuwala gwe yeeroboza okuva mu maka agamu, tateekwa kwesigama ku bulungi bwa ndabika, kubanga obulungi bw'endabika bulimbalimba. Era obulungi bw'endabika, obulungi bw'endabika obw'omulembe obwesigamizibwa ku mitendera egy'ensi, bwa ssetaani.

"Ha", mpulirayo eyo agamba nti, "ku nsonga eno mubuulizi, weegendereze!"

140 Njagala ŋŋambe nti ebintu bino eby'oku nsi, ebiyitibwa nti birabika bulungi, ddala bya ssetaani. ŋŋenda kukibakakasa. Era, mu buwufu bw'ekyo kye njogedde, leka tunoonye mu Kigambo kya Katonda ekitukuvu, tulabe oba kye njogedde kituufu oba si kituufu. Kati abamu ku mmwe abakazi mwagala nnyo okulungiwa ekisusse! Mulabeeyo ekyo gye kisibuka. Ku lubereberye, tulaba nga Ssetaani yali mulungi nnyo n'atuuka n'okuwabya Bamalayika. Era y'eyali Malayika asingayo obulungi mu bonna. Kiraze nti, obulungi bwe butyo busibuka mu ssetaani. Mu Ngero, Sulemaani yagamba nti, "Obulungi tebuliiko kye bugasa." Ekyo kituufu. Ekibi kirabika bulungi ku ngulu. Ddala, bwe kiri. Kisikiriza.

141 Njagala mbabuuze, era mbeeko ne kye mbagamba wano eno. Njagala mwekkaanye, okumala eddakika entonotono.

Mu bika byonna eby'ebinyonyi, n'eby'ebisolo, mu nsi, tulaba nga mu bisolo, nga oggyeeko abantu, ekisajja kye kisinga okulabika obulungi, okusinga ekikazi. Lwaki kiri bwe kityo? Gwe wekkaanye . . . Laba engabi, sse—sseddume w'engabi n'amayembe gaayo amalungi, olabe n'engabi enkazi. Laba enkoko enka—enkazi, aka, akakoko akakazi, ak'amabala, ne sseggwanga eya lujumba. Laba ekinyonyi ekiwanga olabe n'ekikazi. Weetegereze embaata empanga otunuulire n'enkazi. Mukiraba? Ate era mu nsi yonna, mu bitonde byonna, tewaliiyo kitonde kisobola kwenkana mukazi mu kuwubya n'okwemalamu ensa.

142 Kati, mwannyinaze, tosituka kufuluma bweru. Sooka olindeko tuwulire Kino gye kinaggweera. Olaba? Olaba?

143 Tewali kintu kyonna, tewali kitonde kikazi kirala, kisobola kuba kigwenyufu, okuggyako omukazi. Embwa mugiyita "malaaya," embizzi ne mugiyita "mu—mutayisa," naye, mu mpisa, birina empisa okusinga kimu kya kubiri eky'abazannyi ba ffirimu be tulina wano. Ekirala kyonna basobola okuba nakyo okuggyako empisa.

144 Era omukazi ye yakyusibwa mu ndabika ye, asobole okuleeta okuwabya. Ky'ekyo. Olaba obulungi gye bumutwala? Kati, eyo y'ensonga lwaki, ennaku zino, tusanga nti abakazi beeyongera bweyongezi kuba babalagavu. Mmwe mulabe Pearl Bryan, mwali mulabye ku kifaananyi kye? Atwalibwa okuba nnalulungi wa Amerika. Tewali mwana wa ssomero lyonna atamusinga bu—bulungi. Mukimanyi nti bwe kityo bwe kiteekwa okuba? Mukimanyi nti Bayibuli egamba nti bwe kityo bwe kigenda okuba?

145 Mukimanyi nti okugwa kwava ku bakazi ku lubereberye? N'okugwa . . . N'enkomerero nayo ejja kujja mu ngeri y'emu, nga abakazi bajja mu buyinza nga bafuga abasajja, n'ebirala bwe bityo. Mukimanyi nti Ebyawandiikibwa bwe bityo bwe bigamba? Mukimanyi nti, olunaku lw'ayambala engoye ez'abasajja, n'asalako n'enviiri ze, ebintu ebyo byonna bikontana n'Ekigambo kya Katonda. Era mukimanyi nti ye kifaananyi ekiraga ekkanisa bw'efaanana? Bw'otunuulira abakazi bye bakola, ojja kulaba ekkanisa ky'ekola. Ago ge mazima ddala. Kati, kaakati, ekyo kya mazima nga Ekigambo kya Katonda bwe kiri eky'amazima.

146 Mu bitonde byonna ebikazi ebyakolebwa tewali kiyinza kuweebuuka kwenkana mukazi. Sso nga ate, okuyita mu ekyo, yakolebwa nga- . . .

147 Omukazi teyali mu kutondebwa nnakabala okwasooka. Ebitonde ebikazi ebirala byonna byo byalimu mu kutondebwa nnakabala okwasooka: ebinyonyi, ekisajja n'ekikazi; ebisolo, ekisajja n'ekikazi. Naye, mu luse lw'abantu, Katonda yatonda musajja yekka, era mu musajja mwe yamujja. Bw'atyo omukazi

kintu ekyaggyibwa mu musajja, kubanga Katonda si ye yatandikawo ekintu bwe kityo. Mukebere mu Byawandiikibwa. Ky'ekyo kyennyini. Katonda, nedda, ssebo, teyamutonderamu mu kutonda Kwe nnakabala okwasooka. Omukazi yalekebwa bweru.

148 Naye omukazi ssinga yeekuuma bulungi, nga alina empeera ennene okusinga n'ey'omusajja. Yassibwa mu kifo w'ateekebwa mu kugezesebwa. Okufa kwayita mu ye ne kujja. Y'avunaanyizibwa ku kufa kwonna. Naye ate Katonda n'akuba enkyukira n'Akozesaayo omu ku bo okukomyawo Obulamu; n'aleeta Omwana We ng'ayita mu mukazi, eyali omuwulize. Naye omwonoonefu y'a—y'asingirayo ddala obubi; tewali kiyinza kumwenkana mu kuweebuuka.

149 Kayini, mutabani wa Ssetaani, yalowooza nti okulabika obulungi Katonda kw'akkiriza. Bw'atyo bw'alowooza ne leero. Kayini yali mutabani wa Ssetaani. Kati mugamba "Ha, kati nno lubadde!" Ekyo tetugenda kukiyingira mu buziba, naye leka nkibaanukule. Bayibuli egamba nti yali "mwana wa mubi." Kati, ekyo kimala. Kale. Kaakati, yali mwana wa Ssetaani. Era yalowooza nti, okutegeka ekyoto n'akiyooyoota alyoke asinzizeeko, mbu ekyo Katonda kye yali ajja okukkiriza.

150 Ne leero, bakyalowooza bwe batyo. Ddala ddala. Nga bino bye bawoza mbu, "Tugenda kuzimba ekizimbe eky'amaanyi. Tugenda kuba n'eddiini ennene ey'ekitalo. Tugenda kuzimba ekizimbe ekisingayo obunene era tubeere n'abantu abasingayo okwambala ne banyirira, n'ababuulizi abasingayo obuyigirize." Oluusi nno Katonda ekintu bwe kityo akibeera wala nnyo mayiro obukadde kkumi. Bwe kiri. So nga, kkanisa.

151 Kale nno, bwe kiba nti Katonda ky'afaako kusinza businza, na bwesimbu, na ssaddaaka, mu ebyo Kayini yali tayawukana ku Aberi. Naye kyali kuyita mu kubikkulirwa, mwe yayita okukitegeera nti bazadde be kye baalya teyali apo.

152 Wano waliwo ekintu kye ŋŋenda okwogera ekitawulikika bulungi okwogerwa omuweereza, naye, ka nkyogere mu buli ngeri. Ne bano abalala waliwo bye mpulira boogera, kale n'olw'ekyo ssa. . .nga basaagasaaga, naye ekyo nze si kye ntegeeza. Naye nnayogera, ne ŋŋamba nti, "Bwe kiba nti okulya apo kye kyaviirako abakazi okutegeera nti baali bwereere, tusaanye tuddemu tuyiseeyise akabbo ka apo." Mukiraba? Mukiraba? Uh-huh. Munsonyiwe olw'ekyo, naye nkyogedde wasobole okubaako ekikyukako. Mbasibidde wano, nga ndi mu kwogera ku bakazi, n'ebirala. Nja—nja—njagala mutoowolokokemukko, mwetegekere ekigenda okuddako. Kati, kati, mmwe mu. . .Tezaali apo. Ekyo tukimanyi.

153 Ekkanisa ensangi zino, awamu n'enkulaakulana gy'etuuseeko, era nga enkulaakulana yonna ey'obuntu, efuuse ya kinnassayansi. Bagezaako okukola ekkanisa

ey'ekinnassaayansi, nga bakozesa ebifaananyi okusikiriza abantu n'okuzimba ebitikkiro ebiwanvu ennyo. Kibi nnyo okuba nti n'Abapentekoote nabo baagwa mu mutego ogwo. Kisingako ne munyeenya enseege, emmanga mu masaŋŋanzira, naye nga Mwoyo wa Katonda ali nammwe. Naye mugezaako okuvuganya n'abalala bonna, kubanga mwafuuka ddiini. Obuzibu bw'ava ku ekyo. Mulaba? Amakanisa gali mu kugezaako kufuuka ga kinnassaayansi.

154 Naye mujjukire nti, omuntu gy'akoma okugenda nga akulaakulana olwa ssaayansi, agenda yeeyongera kwetta bwessi buli olukya. Bwe yavumbula obuganga bw'emmundu, laba kye bukoze. Bwe yavumbula emmotoka, ate yo etta bangi nnyo n'okusinga obuganga bw'emmundu. Kati yeekolerayo bbomu nnamuzisa ey'obutwa. Nneebuuza oba eyo agenda kugikozesa ki ate? Ky'ekyo.

155 N'ekkanisa bw'etyo, gy'ekoma okugezaako okubaako ne by'etuukako nga ekozesa ssaayansi, nga ekozesa entegeka ey'amagezi ag'abantu obuntu, kigenda kigyongerayo bwongezi wala okuva ku Katonda, nga kigitwala mu kufa, okusinga ne we yatandikira. Ky'ekyo. Leka kulonda kkanisa mw'onookuŋŋaanira nga bwe wakola nga olonda omukyala. Olaba? Ssaayansi kye yakolera omukazi kyali kya kyewuunyo, naye nkulabula mu kulonda ekkanisa mw'onaakuŋŋaanira ekyo kyewalire ddala; ssaayansi yamukolera langi ez'okwesiiga, zi pawuda, n'ebintu ebirala bino byonna. Londa nga osinziira ku mbala ya Kigambo Kye.

156 Kati leka tugeraageranye omugole ow'omubiri ow'omu nnaku zino n'eyo gye bayita ekkanisa omugole ey'ennaku zino. Ka tugeraageranye omukazi, agenda okufumbirwa leero.

157 Kati, mazima mulabe ssaayansi by'amukoledde. Okusooka, avaayo, nga enviiri zonna azikomoddekomodde, nga aliko ogumu ku misono gino egiyitibwa egya Jacqueline Kennedy gw'akoze, olaba, oba ekintu eky'engeri eyo. Naye mumanyi Bayibuli ky'egamba? Eky'amazima Bayibuli ewa omusajja eddembe, bw'aba ayagadde, okugoba omukazi oyo n'ayawukana naye mu bufumbo, ssinga amala n'akikola. "Omukazi asalako enviiri ze, aba taweesa kitiibwa." Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Kituufu. Ekyo mubadde temukimanyi? Huh? Eh, kati nno bwe kiri! Ate mbuulira nnyo mu California ekyo musaanidde okuba nga mukimanyi. Ekyo kituufu. Mazima, ddala! Naye nkiganyuddwaamu ki? Era, basigala bakikola. Toyinza kuddira mbizzi n'ogiyita linnya ddala, mbu ekyo ne kigifuula omwana gw'endiga. Mwekkaanye.

158 Mugenda kunkyawa oluvannyuma lwa kino, naye go Amazima mugenda kugategeera. Mulaba?

159 Mulabeeyo. Ka tubigeraageranye. Wuuno n'avaayo nga yenna ajjudde langi, nga yeefudde ky'atali, omugole atambula

n'omulembe. Ssinga amala n'anaaba mu maaso, ndowooza, bba ayinza n'okumudduka. Asobola okkukanga n'ofa n'okufa, ssinga yeesangulako gasiya oyo yenna. Bw'etyo n'ekkanisa, esiigiddwa mu maaso, n'eby'okwewunda ebya Max Factor, eby'okusomerera eby'eddiini ebyereere nayo bw'eba. Uh-huh. Bombi baba balina a—amaaso agasiigiddwa agalabika obulungi, nga beetonyetonye n'obulungi obujingirire, obulungi obujingiriddwa abantu naye nga si bulungi obukoleddwa Katonda. Ku bombi tekuli alina mbala.

160 Mmwekkaanye, okufaananira ddala nga Ssetaani, obulungi bwayo bumala okusobola okusendasenda, gigeraageranye n'omugole ow'omulembe ogw'akakyo kano: ayambala empale ennyimpi, ne yeesiiga langi, n'asalako enviiri ze, n'ayambala engoye eziringa ez'abasajja, n'ava awo n'awuliriza omusumba amugamba mbu ebyo tebirina kabi konna. Omusumba oyo mulimba. Ekyo alikisasulira mu kubonaabona nga atuuse emitala. Ky'ekyo. Nga omugole ono ebyo abikola okuwuddiisa, okwefuula ky'atali.

161 N'ekkanisa nayo bw'etyo bw'ekola, nga bafuna ddiguli ez'amaanyi zi DD., Ph.D., LL.D. Ne muva awo ne mugamba mbu, "Ffe nno omusumba owaffe ali *kino*, ne *ekyo*, *ne kiri,"* naye nga ob'olyawo talina yadde akatono bwe kati k'amanyi ku Katonda nga Omukotentoti nnansangwa w'omu maserengeta ga Afirika bw'atalina ky'amanyi ku bikwata ku kiro ky'omu mambuka e Misiri. Bwe kiri. Mazima ddala. Nga bye baamusomesa mu seminaaliyo bye byokka by'amanyi, naye nga talina ky'amanyi ku Katonda yadde akatono.

162 Kyokka ky'eri kkanisa ya mulembe n'okwewunda kwayo okw'ettendekero ly'eddiini, nga abakazi baabwe bonna baamwebwako ekitiibwa kyabwe, nga kyabamwebwako omusumba waabwe gwe bayita ow'akabi, ne balyoka bafaanana nga Yezebeeri yennyini. Nga basazeeko enviiri, bambadde obuwale obumpi, beesiize langi, bonna nga beewundidde ddala nga eddiini yaabwe bw'eyagala banyume, n'ekkanisa nayo bw'etyo bw'efaanana. Ky'ekyo. Naye embala yaayo ey'omwoyo eri wala nnyo okwawukana ku y'omukyala yennyini Yesu Kristo gw'ajja okunona.

163 Omukristaayo yenna ssinga awasa omukazi afaanana bw'atyo, kiba kiraga nti yagwa n'ava mu kisa. Bw'alonda omukazi afaanana bw'atyo, kiba kiraga nti, eby'okwagala Katonda n'okwagala okuba n'amaka amalungi, amaka ddala gennyini nga bwe gasaanidde okuba, omutima gwe si bye gulowoozaako. Nedda, ssebo. Omukazi bw'atyo si y'asikiriza omutima gw'Omukristayo. Empisa zaayo ez'omwoyo ze zisingayo obubi, nfu, era zeesigamizibwa ku matiribona ga ddiini na kwegomba kwa nsi.

164 Bw'etyo ekkanisa bw'efaananira ddala leero, empisa zaayo ezagiweebwa Ekigambo yaziguza Ssetaani, n'efunamu eddiini ey'ekinnassaayansi eyayiiyizibwa abantu. So nga, yalina eddembe, nga ekkanisa ya Katonda, okunywerera ku Kigambo kya Katonda n'okubeera ng'Omwoyo Omutukuvu akolera mu yo, nga ayunga Omubiri wamu n'Ekigambo n'okwagala kwa Katonda. Wabula mu kifo ky'okuba n'ekyo, yatunda obusika bwayo, okufaananako ne Esawu, n'erondawo ddiini, n'egiwa ebbeetu egikole, kyonna ky'eyagala okugikola, ddala, esobole okuba ey'ettutumu nga maama waayo bwe yakola e Nikyeya, Roma. Kigambo kya Katonda!

165 Ha, nga kisensedde ne kiyingira mu mugendo gwaffe ogw'Abapentekoote! Kibi nnyo, naye bwe kikoze.

166 Leka tulabeko, katono, omubiikira mu ekereziya Katolika. Omukazi oyo, bw'afuuka omubiikira, n'ayambazibwa akatambaala ako n'akuba ekiragaano eky'olubeerera, aba yeweereddeyo ddala mu mikono gy'ekereziya eyo. Yenna (omwoyo gwe, omubiri gwe, n'emmeeme ye) ekereziya y'eba emulinako obwannannyini. Taba na ndowooza yiye ku bubwe. Kasita atikkirwa akatambaala ako ku ddaala erisingayo obukulu, aba takyalina ndowooza yiye ku bubwe, aba takyalina ddembe lirye ku bubwe. Mulaba wano, Ssetaani bw'abafuula ekicupuli kye, okufaananako n'okwewaayo okutuufu.

167 Ekkanisa ya Kristo entuufu, Omugole, erina okweweerayo ddala mu bujjuvu gy'Ali n'eri Ekigambo Kye ekyasuubizibwa, okutuusiza ddala nga endowooza yennyini eyali mu Krsito eri mu ggwe. Nga byawukana nnyo!

168 Era ennaku zino tulaba, nti, ekkanisa ey'omulembe guno, ekkanisa ey'ensi ey'omulembe guno, ekkanisa y'ensi ey'omulembe guno awamu n'Ekkanisa ey'omwoyo zombi ziri lubuto, era zombi zijja kuzaala abaana ab'obulenzi.

169 Emu ku zo, okuyita mu kuzaala okw'ekinnaddiini, ejja kuzaala, olumu ku...lunaku, ku...nnaku zino, mu Kakiiko akagatta Amakanisa g'Ensi yonna, ejja kuzaalira ensi omulabe wa Kristo, nga azaalibwa okuyita mu ddiini. Ago ge Mazima gennyini. Nnyinza obutawangaala kukirabako. Nzikiriza ndikiraba. Naye, mmwe abavubuka, ekyo mukijjukiranga nti mwawulira omuweereza nga akyogera. Ekyo bwe kityo bwe kirikomekkereza. Era ako ke kabonero k'ensolo, eddiini eyo bw'eritondawo Akakiiko ako akagatta Amakanisa g'Ensi yonna. Era erizaala omwana waayo ow'obulenzi, nga ye mulabe wa Kristo.

170 Eri endala yo eri lubuto lwa Kigambo kya Katonda era ejja kuzaala Omubiri, Omubiri oguwedde okukolebwako ogwa Yesu Kristo, nga oyo ye Mugole. Omubiri gwa Kristo tegunnaggwa kukolebwako. Ekyo bameka abakimanyi? Omusajja ne mukazi we bali omuntu omu. Ne Kristo ali Omubiri gumu, yenna

Kigambo. Omugole y'alina okuba ekitundu ekijjuza Omubiri ogwo. Era bombi, awamu, nate bakola Omubiri ogwo ogumu. Nga Adamu bwe yali ku lubereberye: omusajja, ne mukazi we, nga bali omu. Kati, Ye, nga Omugole omutuufu, yeewaayo mu bujjuvu eri Bba, ye Omugole aleme okukozesa endowooza Eyiye ku bubwe. Endowooza ya Bba, weewaawo, by'ebyo by'Ayagala bikolebwe, era by'Ayagala bikolebwe kye Kigambo Kye.

171 Kati tunuulira gwe bayita omugole omusajja gw'alonda, ogeraageranye eky'omwoyo n'eky'omubiri ekiriwo leero, yenna ali awo Yezeberi atambula n'omulembe eyalogebwa Akabu we, n'eddogo ly'eby'okwewunda ebya Max Factor, na buli kimu. Tunuulira ekkanisa, nayo bw'etyo bw'efaanana, yalekawo Ekigambo kya Katonda omulamu n'egenda mu bwenzi; agabiina g'amadiini, agazimbe aganene, obugagga obuyitirivu, emisaala emisava, yonna yeemalidde mu ebyo. Abasajja ne bayimirira mu bituuti nga bawagira nti ebintu bwe bityo tebiriimu kabi, ne babireka ne biyinaayina. Kuwubya buwubya, kye kyokka. Mazima ddala guno Mulembe gwa Kkanisa ya Lawodiikiya omuzibe gw'amaaso, ddala nga Bayibuli bwe yagamba nti bwe guliba. "Ogamba mbu, 'Ndi mugagga. Ntudde nga nnaabakyala. Ssirina kye nneetaaga.' So tomanyi nti oli mwavu, asaasirwa, omuzibe w'amaaso, omunaku, ali obwereere: wabula nga tokimanyi." Ekyo bwe kiba tekiri BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA, Okubikkulirwa 3, awo mba ssikisomangako. Ekyo ky'eri, naye tekimanyi! Ggwe kirowoozeeko.

172 Ssinga olaba omusajja oba omukazi, mu kkubo, nga ali bwereere nga bwe yazaalibwa, n'omugamba nti ali bwereere, ye n'akuddamu nti, "Fa ku bikukwatako," omanya bumanya nti, aliko ekikyamu ku bwongo. Waba waliwo ekyasoba mu bwongo bwe.

173 Na bwe kityo bw'osoma Ekigambo kya Katonda, nga kyogera engeri abantu gye balina okweyisaamu, n'okubatizibwa kuno okw'Omwoyo Omutukuvu kwe tulina leero, naye, abantu, bo, ne bakutunuulira nga abatunuulira omulalu. N'obagamba nti: "Muteekwa oku. . . " Bateekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Bateekwa okukkiriza Bayibuli.

174 Bo ne bagamba bugambi nti, "Ezo zaali ngero za Kiyudaaya, ez'edda ennyo. Mu kkanisa yaffe w'ewali ekkubo ettuufu." Banaku, abasaasirwa, abazibe b'amaaso, abali obwereere, naye n'okukimanya tebakimanyi. Nga ki. . . Ate Bayibuli egamba nti eyo y'embeera mwe bakomekkereza.

Nga nnabbi ow'amazima ekyo kimulema kitya okulaba? Ssimanyi na kumanya.

175 Embeera eyo eyingidde mu makanisa gaffe gonna, buli wamu. Ggwe kitunuulire, kati ky'ekiri ku mulembe. "Ye mukazi omwenzi oli ne bawala be," aboogerwako mu Kubikkulirwa 17, nga ayigiriza abantu "abaavu, abazibe b'amaaso, abanaku"

enjigiriza ye ey'ekinnaddiini ekontana n'Ekigambo kya Katonda. "Era mu ye mwasangibwamu emmeeme z'abaddu, abasajja n'abakazi abaava—abaava buli wamu." Mu kifo ky'okusikiriza abantu . . .

176 Kristo bw'atuukiriza Ekigambo Kye, ekyo ky'ekisikiriza abantu. Tasikiriza bantu kubaleeta mu makanisa gasikirizibwa na kubeera na bibiina by'amadiini ebinene n'emikolo egy'amaanyi, n'ebibbiitu ebinene, n'ebintu eby'omulembe ebisikiriza. Wabula Ekigambo kya Katonda ky'ekisikiriza Omugole wa Kristo.

177 Kaakati mwekkaanye. Kyewuunyisa oku—okulaba engeri a—amakanisa gye gagezaako okusikirizaamu abantu nga geeyambisa amaganduula agalabika obulungi ne kkwaaya ezinekaaneka, n'abakazi abasaze enviiri nga beesiize langi n'okwetonaatona mu maaso. Ne balowooza . . . Kkwaya eyo ne bayimba nga Bamalayika. Kyokka nga balimba nga emizimu, ne bazunga ekiro kyonna nga bagenda mu ndongo, nga tebakirabamu kikyamu kyonna. Nga ekyo bo kye balowooza nti, "Tekirina kabi. Ekyo kirungi." Naye, olaba, ekyo kicupuli. Ekyo si kye Kigambo kya Katonda.

178 Ate, ku ludda luno Omugole omutuufu asikiriza ebirowoozo bya Katonda, nga akuuma Ekigambo Kye. Kati mulabeeyo. Kati leka tulabe Kristo.

179 Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, kati, sooka olindeko, ate obulungi buno bw'oyogerako?"

180 Bayibuli egamba, mu Isaaya 53:2, nti, Yesu bwe yajja, "Mu Ye temwali kalungi konna, katumwegombesa." Si bwe kiri? Teyalina ndabika ya bulungi. Ssinga Yajjira mu ndabika ey'obulungi obw'ensi, nga Ssetaani bw'alabika leero, abantu bandidduse ne bagenda bamwekuŋŋaanyizaako ne bamukkiriza nga bwe beeyuna amakanisa ga leero. Bandimukkirizza, ne bamusembeza, nga bwe basembeza Ssetaani leero. Ddala, bwe bandikoze. Naye teyajjira mu bulungi bwa ndabika nga eyo, wabula bulijjo Ajjira mu bulungi bwa mbala. Awo, Kristo teyali Musajja omunene, ow'amaanyi, era ow'ekiwago. Katonda talonda nga asinziira ku ebyo.

181 Nzijukira lumu nnabbi lwe yayambuka okugenda oku—okulonda kabaka, okufuula mutabani wa Yesse okuba kabaka, okudda mu bigere bya kabaka omulala, Sawulo. Yesse n'afulumya, mutabani we omukulu, alabika obulungi, ow'amaanyi. N'agamba nti, "Engule, ejja kunyumira ku mutwe gwe."

182 Nnabbi n'atanula okumufukako amafuta. Naye n'agamba nti, "Katonda amugaanye." N'abalala bonna n'Abagaana kinnoomu, okutuusa lwe yatuuka ku kasajja kattu, akatono, akaalina obubegabega obusongodde, nga konna tekatunulikako. N'akafukako amafuta, n'agamba nti, "Katonda ono gw'alonze."

Olaba? Ffe tulonda tusinziira ku ndabika. Naye Katonda asinziira ku mbala.

183 Embala, tewabangawo alina mbala kwenkana Yesu Kristo. Ebeera mu ggwe nga eyoleka Ye. Ekyo tulaba nga kituufu. Endabika ya Bba ey'obulungi obw'ensi si y'esikiriza Omugole We. Wabula mbala Ye, embala y'Ekkanisa, Yesu gy'anoonya; tanoonya wali bizimbe binene bya bbeeyi, tanoonya wali bibiina bya ddiini bitutumufu, ebirina nnamungi wa bammemba. Yasuubiza okusisinkana abo abali ababiri oba abasatu nga bakuŋŋaanye wamu. Ddala. Ku ekyo omukkiriza omutuufu kw'awummuliza essuubi lye, ku Kigambo kya Katonda ekikakasiddwa okuba nti ge Mazima, nga kye kiri. Alonda kusinziira ku Kigambo Kye, so si ku ndabika ya kibiina ekyagala ensi. Ekyo akikyayira ddala.

184 Ky'ova olaba nga ekkanisa eyo Yagigoba, kubanga teyafuna kubikkulirwa Kwe, era tekulina. Tagifaako, oba yeeyisa ngeri ki oba ekola biki, oba erina obugagga bw'ensi eno obwenkana wa obungi.

185 Ye ky'anoonya anoonya kulaba mbala yaayo, nga ye mbala ya Kristo. Kati, musooke mulindeko. Ky'ekyo. Yeeroboza Omugole asobole okwoleka embala Ye okuyita mu ye, nga amakanisa ga leero agagenda n'omulembe awo we gasubirwa okutegeera enteekateeka Ye—enteekateeka Ye wano, ne bagyawukanako mayiro akakadde kalamba, kubanga gagaana *Kino* okuba nga ge Mazima. Kati olwo gasobola gatya okugitegeera? Kaakati, Alindiridde ekiseera nga Omugole oyo akuze, Abaebbulaniya 13:8, afaananire ddala nga bwe Kyali luli, nga Bba bwe yali. Guteekwa kuba mubiri Gwe gwennyini, magumba ge gamu, Omwoyo gwe gumu, buli kimu kye kimu, nga yakulira ddala nga ye, olwo bombi balyoke bafuuke omu. Okutuusa nga ekkanisa efuuse ekyo, baba tebannafuuka omu. Embala Ye, nga ky'Ekigambo, eky'omulembe guno, eteekwa okumubumbibwamu. Omugole ateekwa okubumbibwa ddala nga Bba bw'ali.

186 Kati, nga mmaliriza, njagala njogere ensonga lwaki ebintu bino mbyogedde, ndyoke—ndyoke mmalirize. Ekiro kya luli, ku ssaawa nga mwenda nga bukya, nnazuukusibwa.

187 Ku kino njagala omuntu yenna mu mmwe annyanukule. Nnali mbagambye ekintu kyonna mu Linnya lya Mukama ekitali kituufu? Bulijjo bibaddenga bituufu. Kale ne ku mulundi guno, Katonda amanyi nti kituufu. Tewali mulundi na gumu, mu nsi yonna, ku bintu enkumi n'enkumi ebyogeddwa, ekyali kiremye okutuukirira wadde omulundi ogumu bwe guti. Buli mulundi bituukiriddenga ddala nga bwe byogeddwanga.

188 Ne bwe nnali e Phoenix, jjuuzi, manya gwali mwaka nga gumu oguyise, bwe nnababuulira ku Bubaka buli obwali bukwata ku—ku *Ssaawa Mmeka, Bassebo?* Ne mbagamba nti,

"Bamalayika Musanvu baali ba kusisinkana erudda eri," era okwo kwe kwali kugenda okuba okubikkula kw'Obubonero buno, n'ebirala. N'ab'akatabo ka—ka *Life* magaziini ne bakiwandiikako, ekire ekyakula nga olulimi lw'Omuliro kino kye baalaba nga kitumbidde waggulu mu bbanga, kiriko mayiro amakumi asatu obugulumivu, nga kiweza mayiro abiri mu musanvu obugazi. Ne bagamba nti tebategeera makulu gaakyo; na kati tebannagamanya. Kyokka nga waliwo abasajja abatudde wano akawungeezi kano mu kizimbe kino, abaali bayimiridde nange we kyabeererawo, ddala nga bwe Kyayogerwa. Yambuulira ebintu ebyali bigenda okubaawo, era ne bituukiririra ddala. Engeri buli kamu ku Bubonero obwo gye kaabembulwa, ne kategeeza ebyama byonna ebyali byakwekebwa okuyita mu mirembe gyonna egy'abaddaabuluzi n'ebirala, mu bujjuvu.

189 Bwe nnali, nnyimiridde waggulu ku kasozi, n'abasajja, nga basatu oba bana abayimiridde wano mu kaseera kano, wewaawo, baali basinganawo. Nga twambuka ku kasozi, Omwoyo Omutukuvu bwe yaŋŋamba nti, "Londa ejjinja eryo." Twali tuyigga. N'agamba nti, "Likasuke mu bbanga, ogambe nti, 'BWATI BW'AYOGERA MUKAMA.'" Ne nkikola. Wammanga eyo ne wavaayo embuyaga eyajja yeebonga ng'olusoggo. Ne ŋŋamba nti, "Mu ssaawa abiri mu nnya, mugenda kulaba Omukono gwa Katonda." Abasajja abaaliwo bali wano kati.

190 Enkeera, ku ssaawa nga nnya ez'oku makya, mba nnyimiridde awo, ne ŋŋamba nti, "Mwetegeke. Mudde wansi w'emmotoka wali," nga omuntu alina obumanyirivu. Ne mbagamba nti, "Waliwo ekinaatera okubaawo." Ku ggulu tekwali bire, nga tuli eyo mu kikko wakati w'enjazi. Ne walyoka wakka Omuliro nga gwebonga okuva mu Ggulu, nga Guwuuma n'amaanyi, ne Gukuba ku bisenge by'enjazi bwe gutyo. Nnali—nnali nnyimiridde wansi waagwo. Ne nzijako enkuufiira yange ku mutwe, ne nkwata ku mutwe. Ne gunnengejjerako waggulu ffuuti nga ssatu oba nnya, ne gusima ekinnya mu kisenge kiri kyonna bwe guti, ne wabaawo okubwatuka. Ne guddayo waggulu mu bbanga, ne guddamu ne gwebonga, n'era ne gukka wansi, emirundi esatu, gwatemako n'obusanso bw'ensiko eyali eriraanye awo, nga mu yaadi ebikumi bibiri. Mubawulira abo abagamba nti, "Amiina"? Baaliwo we kyabeererawo, olaba, ne kibwatuka emirundi esatu.

191 Bwe baavaayo wansi w'emmotoka ne gye baali beekwese yonna, ne bakomawo, ne bagamba nti, "Ekyo ne kimala kikutomera, tekirekaawo yadde akantu."

192 Ne mbagamba nti, "Abadde—Abadde Ye. Abadde ayogera nange." Katonda ayogerera mu mpewo eyeebonga. Olaba? Era Empagi y'emu eyo ey'Omuliro gye mulaba ku kifaananyi, yali awo nga eyimiridde.

Era bwe Yayambuka, ne bambuuza nti, "Kitegeeza ki?"

Ne mbagamba nti, "Omusango gugenda kukuba Olubalama lw'Ebugwanjuba."

193 Ku lunaku olw'okubiri nga ekyo kimaze okubaawo, Alaska kaabula kata ebulire mu ttaka. Olaba? Ekikankano, kyayitayokko, olukuba olwasooka.

194 Awo, oba weetaaga okubaako ky'okola, okusobola okukyoleka mu ngeri y'akabonero. Nga omusajja eyaddira omunnyo n'ateekako mu nsumbi, n'agenda aguyiwa mu mazzi, n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, leka amazzi gabe mawoomu." N'awalala, Yesu yaddira amazzi n'agayiwa mu kibya, na—n'akolamu enviinyo.

195 Olina okubaako n'ekintu, ky'okozesa nga akabonero. Ne kiri bwe kyali, ekyo ekyakasukibwa waggulu mu bbanga ate ne kikka. Ekyo kye kyatandika omuyaga ogwo ogwebonga. Mu ssaawa abiri mu nnya, Gwali gumaze okunyeenya olusozi lwonna nga gulutemyeko oluwenda.

196 Lev. Mw. Blair atudde wano, gwe ntunuulidde kati, yaliyo waggulu eyo era yalondayo ne ku bipapajjo by'olwazi olwo, n'ebirala bwe bityo. Wuuno Terry Sothmann, ne banne, bayimiridde wano, ne Billy Paul. N'ab'oluganda, abamu ku bano abatudde wano, abaaliyo ne bakiraba nga kibaawo bwe Gwalwabuluza.

197 Olwo si lugero bugero. Ago mazima. Tekyaliwo mabega eri mu biro bya Bayibuli. Kyaliwo jjuuzi wano mu biro bino. Olaba? Katonda y'omu oyo bulijjo y'andazenga ebintu bino, era bituukiriddenga bulijjo, nga bwe biba byogeddwa. Tebiremangako kutuukirira wadde omulundi ogumu guti. Kati nneenyumiririza mu Ye.

198 Wiiki ntono ezaakayita, nnali mu kwolesebwa. Era nnali nnyimiridde ku kifo eki—ekigulumivu, nga ŋŋenda okulagibwa Ekkanisa nga bw'erifaanana. Ne ndaba, okuva ku. . . Nnali nnyimiridde *bwenti*, nga ntunudde Ebugwanjuba. Erudda *eno* ne wavaayo ekibiina ky'abakazi abalabika obulungi, nga bambadde engoye ennungi, nga enviiri zaabwe mpanvu ziwumbiddwaako bulungi emabega, nga emikono miwanvu ku ngoye, ne ssikaati zaabwe nga zituuka bulungi wansi. Nga bonna bakumbira ku luyimba olw'okukumba, nga, "Mukumbe nga bwe mweyongera mu maaso, mmwe abajaasi Abakristaayo, nga mukumba mugenda mu lutalo, nga omusaalaba gwa Yesu gubakulembedde." Era bwe baali bayitawo, ne nnyimirira, era awo waaliwo Ekintu, nga gulinga Mwoyo, yali Katonda, n'aŋŋamba nti, "Omugole wuuyo." Ne ntunula, era omutima gwange ne gusanyuka. Awo Omugole n'ayitawo n'agenda erudda *eno,* n'ayita emabega wange.

199 Bwe waayita akaseera, yayitawo n'adda *eno* bw'ati, eddoboozi ne Ligamba nti, "Kaakati ekkanisa y'omulembe

guno egenda kuyitawo nayo olabe nga bw'enaafaanana." Ne wayitawo ekkanisa eva mu Asiya. Ssirabangako kibiina kicaafu nga kiri.

200 N'amakanisa amalala nago ne gayitawo, nga gava mu mawanga ag'enjawulo. Nga tegafaananika.

201 Era kino—kino nkyogera kubanga kinkakatako okwogera amazima, mu maaso ga Katonda. Kati bwe Yagamba nti, "Kaakano ekkanisa eva mu Amerika yiino ejja, nayo ogirabe nga bw'enaafaanana," bwe mba nnali ndabye ekibiina ky'amasetaani, kyali ekyo. Abakazi baali bukunya, nga beebisseeko kantu buntu aka kikuusikuusi, nga langi y'eddiba ly'enjovu. Nga ke bakutte bakeebikkiridde wano eno mu maaso, nga waggulu tebalina kye bambadde yadde. Nga bakola ebintuntu bino, ago, gano—gano amazina abaana b'ennaku zino ge bazina, ag'okwetigoonyola n'ebirala, nga kuliko n'ennyimba ezigenderako ez'engeri eyo. Era bwe nnalaba Nnalulungi wa Amerika nga ajja, kaabula kata nzirike.

202 Kati, kino kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Bwe muba mwali munzikirizza okuba omuweereza wa Katonda, munzikirize kaakano. Tewali kintu kyonna mu nsi kiyinza kumpeebwa kwogera ekyo. Tewali ssente z'oyinza kumpa mu nsi eno yonna kubeera nti njogera ebintu bino nga si ge mazima.

203 Kale bwe yayitawo, ekyo ky'ekintu ekisingirayo ddala obucaafu mu bye nnali ndabye. Muli nnagamba nti, "Ayi Katonda, ku kubuulira kwonna ababuulizi kwe babuulide naffe ab'oluganda ne tufuba okukufunira Omugole, kya nnaku okuba nga ekisingayo obulungi kye tukuleetedde bwe kiti bwe kifaanana." Yali yeetigoonyola, nga *kano* akakwatidde wano eno mu maaso, nga buno bu ssikaati obw'obusenso, nga akakwatidde wano mu maaso g'ekitundu kye, ekitundu kye ekya wansi, *bwati*, nga bwe bazina bwe beetigoonyola nga bano abaana bwe bazina eyo mu . . . mu myoleso gyabwe egy'amazina ag'obuseegu, nga beetigoonyola. Oyo ye yali Nnalulungi w'Obukristayo ava mu Amerika.

204 Bannange munsaasire, naye Katonda annyambe, bwe bityo bwe bifaanana mu maaso Ge. Ne—ne . . . Ne ntandika . . . Kaabula kata nzirike. Nneebuuzamu nti, "Ddala mu kugezaako kwonna, n'okubuulira kwonna, n'okwesengereza abantu?" Nga buli omu ku bo enviiri ze nsale, nga bagenda bwe beetigoonyola bwe batiguka, nga *kano* bakakwatidde wano eno mu maaso. Ne bajja, awo we nnali nnyimiridde n'Omuntu asukkulumye obutonde. Nnali ssimulaba. Naye nga mmuwulira nga Ayogera nange; nga ansemberedde awo wennyini we nnali. Naye bwe baakyuka erudda *eno*, nga *kano* bwe bakakwatiridde. Nga bwe beetigoonyola bwe baseka nga beeyongerayo, nga bawoggana bwe batyo, nga *kano* bwe bakakwatidde mu maaso wano eno.

205 Kati, nga nnyimiridde awo mu Maaso Ge, ate nga ndi muweereza We. "Ddala mu byonna bye ngezezzaako, kino ky'ekisingayo kye nsobodde okukola?" Ne nneebuuza nti, "Ayi Katonda, ntawaanidde ki? Bivuddemu kalungi ki? Okukaaba kwonna, n'okwesengereza, n'okwegayirira, n'obubonero obw'amaanyi n'ebyewuunyo n'ebyamagero byonna by'Oyolesezza. Bwe nnyimiriddenga, oluvannyuma ne nzira eka ne nkaaba nga mmaze okubabuulira ebintu, ddala bivuddemu kalungi ki? Ate ne nneesanga nga ekintu ekifaanana bwe kiti kye ndeese gy'Oli, nti ye Mugole?"

206 Nga nkyayimiridde awo, ntunula, n'ayitawo n'agenda. Era musobola okukuba akafaananyi nga omugongo gwe, gwonna mwereere tekuli lugoye, nga *kano* bw'akakwatidde wano eno mu maaso nga bw'agenda atiba, bw'atyo, mu kwetigoonyola kuno, nga emikono n'amagulu amala gabisuula busuuzi ati. Era, ye, ha, bwali bugwagwa bwereere, engeri gye yali yeeyisaamu, nga bw'atiribiza omubiri gwe bw'atyo. Kaakati nja . . .

207 Oyinza okumbuuza nti, "Ekyo kitegeeza ki, Ow'oluganda Branham?" Ssimanyi. Nange mbabuulira bubuulizi bye nnalaba.

208 Kale bwe yayitawo bw'atyo, ne mmutunuulira. O, nneeyongera okuggweramu ddala amaanyi. Nnakyuka bukyusi. Muli ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda, gunsinze. Sse—sseetaaga na kuddamu kugezaako kati. Leka mbiveeko buvi."

209 Muky. Carl Williams, bw'oba w'oli wano, ekirooto kiri kye wambuulirako, gye buvuddeko, kye waloota ekiro kya luli, ekibadde kikutawaanya, ky'ekyo. Ssiteeringi eggyiddwa mu mikono gyange.

210 Kati awo, ne ndowooza nti, "Ka mbye—mbyerabire n'okubyerabira." Nga nzenna amaanyi gampedde.

211 Oluvannyuma, amangu ago, ne ndiwulira nga Likomawo nate. Kati okuva ku ludda luno *eno* ne wavaayo Omugole y'omu eyavuddewo nga ayita ku ludda luno *eno*. Abawala bali abalabika obulungi ne bakomawo, nga buli omu ku bo ayambadde olugoye olw'eggwanga gy'asibuka, nga Switzerland, Germany, n'amawanga amalala ag'enjawulo, nga buli omu ku bo olugoye lw'ayambadde bwe lutyo, nga bonna enviiri zaabwe mpanvu, nga bafaananira ddala nga bali abaasoose okulabika. Nga bajja, bwe bakumba. "Mukumbe nga bwe mweyongera mu maaso, mmwe abajaasi Abakristaayo, nga mukumba mugenda mu lutalo." Era bwe baayita ku kadaala we nnali mbalabira we twali tuyimiridde, amangu ddala, bonna ne bakyusa amaaso ne batunula erudda. Ne baddamu ne bakyuka, ne beeyongerayo, nga bwe bakumba.

212 Kati baba batandika okwambuka waggulu mu bbanga, bali eri abalala baatambula babulirayo enzivuunuko w'akasozi ne bakkirira wansi eyo, bwe *batyo*.

213 Naye bano bo baakumba bambuka waggulu mu bbanga. Era bwe baali bakumba, waliwo obuwala obuwerako bwe nnalaba obwali busembye emabega, nga bulabika buva mu nsi ndala, nga Sweden oba Switzerland, oba awalala bwe watyo. Ne butandika okumagamaga, ne bu. . . Ne ndeekaana ne ŋŋamba nti, "Temukikola! Temuva mu layini!" Kale bwe nnaleekaana bwentyo, ne mpawamuka, ne nva mu kwolesebwa, ne nneesanga nga nnyimiridde awo nga omukono gwange ngugolodde *bwenti.* Muli ne ndowooza nti, "Kale. . . "

214 Eyo y'ensonga lwaki njogedde bye njogedde, akawungeezi kano. Kati njagala mbabuuze ekibuuzo. Obudde bwandiba nga buyise okusinga bwe tulowooza? Kyandiba nga Omugole yaggwa okuyitibwa n'okwerobozebwa, n'okusibwako akabonero? Ekyo mumanyi, kiba kitegeeza waba tewakyali mulala yenna yeeyongerako. Kisoboka okuba bwe kityo? Ddala, kisoboka. Ddala, kisoboka.

215 Ndowooza mujjukira bye nnayogera, luli ku ky'enkya. Mu nkwaso y'ekitonde ekisajja bw'esisinkana n'amaggi g'ekitonde ekikazi, wabeerawo enkwaso akakadde kalamba ezifuluma mu musajja, n'amagi akakadde kalamba agavaayo mu mukazi. Naye ku buli ludda enkwaso emu n'eggi limu byokka bye birama, ate, nga, byonna biba bifaanagana: enkwaso emu n'eggi limu ku buli kakadde. Amagi, gonna gaba gafaanagana nga n'enkwaso zifaanagana. Wabula enkwaso emu n'eggi limu byokka bye birama. Enkwaso ezisigadde n'amagi byonna bifa.

216 Tewali n'omu ayinza okumanya ggi ki eriba likuze, na, oba, biki ebinaddirira. Ekyo Katonda y'alina okukisalawo, oba omwana anaabeera mulenzi oba muwala, oba wa nviiri za kyenvu oba nkwafu, kyonna ky'anaabera. Katonda ekyo y'akisalawo. Tekisinziira ku lisooka kusisinkana nkwaso, wabula kisinziira ku eryo erisooka Katonda ly'aba asazeewo. Erimu liyinza okujja ne lituuka *wano,* naye eddala ne. . . Bwe muba mwali mwetegerezzaako, mu bucupa obukozesebwa mu laabu, okubiraba nga bwe bisisinkana. Nze nnakirabako. Katonda y'alina okukisalawo. Erimu, gonna gonna, gabeera gafaanagana, wabula kibaawo lwa kulondebwa. Okuzaalibwa okw'obutonde kubaawo kuyita mu kulondebwa. Katonda alondayo kimu mu kakadde.

217 Isiraeri bwe baava e Misiri, okugenda mu nsi ensuubize, kyenkana baali abantu obukadde bubiri. Buli omu ku bo yali wansi w'okutangirirwa kwa ssaddaaka y'omwana gw'endiga, ssinga tekyali bwe kityo tebandisimattuse. Buli omu ku bo yawulirizanga Musa, nnabbi. Buli omu ku bo yabatizibwa mu ye, mu Nnyanja Emmyuufu. Buli omu ku bakazi, yazinira wamu ne Miriyamu, ne babuukabuukira ku lubalama (mu kaseera ako), Katonda bwe yazikiriza abalabe. Buli omu ku bo yayimirira ne Musa, ne bamuwulira nga ayimbira mu Mwoyo. Bonna, buli omu, yalya emmaanu mu ddungu, eyatonnyanga okuva mu Ggulu.

Emmaanu ensu, buli kiro, ekifaananyi ekyoleka Obubaka, bonna baagiryako. Naye, ku bukadde obubiri, bameka abaatuuka? Babiri. Omu ku buli kakadde.

218 Waliwo abagoberezi ba Kristo nga obukadde bitaano mu nsi leero, nga obaze Abakatuliki n'abalala bonna. Abatwalibwa okuba abakkiriza bali obukadde ebikumi bitaano mu nsi yonna. Ssinga Okukwakkulibwa kubaawo ekiro kino, kiba kitegeeza nti . . . ku buli kakadde kugendako omuntu omu. Ssigamba nti bwe kiri. Naye ssinga bwe kibadde, mu ssaawa abiri mu nnya eziddako, abantu ebikumi bitaano bandibuzeewo. N'okukiwulirako tewandikiwulidde. Abalibulawo tebaliba bangi nnyo, ndaba, kale nga n'okumanya nti baabuzeewo tekiriba kyangu.

219 Kale nno kisoboka, okutubaako, mukwano gwange, nga bwe kyabaawo Yokaana Omubatiza bwe yajja. N'abayigirizwa bennyini baabuuza nti, "Lwaki Ebyawandiikibwa bigamba, lwaki aba—abatume manyanga bannabbi bagamba nti, lwaki kigamba nti Eriya alisooka kujja n'azzaawo byonna?"

220 N'abaddamu nti, "Ddala mbagamba nti Eriya yajja dda, wabula temwakimanya."

221 Olumu ku nnaku zino twandirekebwawo nga tutudde wano tuwoza mbu, "Ate Okukwakkulibwa okwalina okusooka nga ekibonyoobonyo tekinnabaawo?"

"Kwabaawo dda naye temwakimanya."

222 Nga Omubiri gwonna, gussibiddwaako n'akabonero guli munda muli, Gwonna gukumbira wamu. Ssigamba nti bwe kityo bwe kiri. Ka nsuubire nti bwe kityo si bwe kiri. Naye, mukwano gwange, bwe kituuka we . . .

223 Bwe tuba tuwulira nga mu mitima gyaffe akawungeezi kano, tusaanye okutereeza obulamu bwaffe, n'ebintu bye tukoze, muleke mbaweerere amagezi, nga muganda wammwe omuweereza. Era kino ŋŋenda kukyogera omulundi gwange ogusookedde ddala, mu kituuti. Mmaze obudde bungi nnyo akawungeezi kano, ku *Kino,* okusinga bwe nnali mmaze ku nsonga endala yonna, mu kaseera konna, mu ngeri yonna, mu maaso g'abantu, kubanga mbadde nneetaaya bulungi nnyo mu nkuŋŋaana zino. Bwe muba munzikiriza nti ndi nnabbi wa Katonda, muwulirize bye mbagambye. Mu mutima gwo bw'oba owuliramu akantu konna akatateredde genda eri Katonda mu kaseera kano kennyini. Kikole.

224 Musooke musibemu, mmwe abasajja. Tunuulira ebi—ebigunje byo by'oweereza. Mutunule mu makanisa gammwe. Ddala efaanana Ekigambo kya Katonda? Otuukirizza buli kisaanyizo kyonna? Ogamba nti, "Nze ndi musajja mulungi." Ne Nikodemo bwe yali, n'abalala bonna bwe baali. Baali—baali balungi. Olaba? Naye ekyo tekikirinaako kakwate konna.

225 Nammwe, abakazi, njagala weerabe mu ndabirwamu, olabe kiki Katonda ky'ayagala omukazi akole. Weerabe mu ndabirwamu ya Katonda, kati si mu ndabirwamu ya kkanisa yo, wabula mu ndabirwamu ya Katonda; olabe oba mu bulamu bwo, olina ebisaanyizo, eby'okubeera Omugole wa Kristo ow'omwoyo.

226 Abaweereza, nammwe mulowooze ku kintu ky'ekimu. Wekkiriranya *mu kino*, olw'okuba waliwo gw'otayagala kulumya? Wandikoze *kino* ssinga tekibadde nti . . . naye bajja kukugoba mu kkanisa? Bw'oba bw'otyo bw'owulira, muganda wange omwagalwa, leka nkulabule, mu Linnya lya Yesu Kristo, ekyo kidduke kati kati.

227 Ate, ggwe omukyala, bw'oba totuukana na bisaanyizo bya kubeera Mukristaayo, si Omukristaayo ow'olukale, wabula nga omutima gwo, n'obulamu bwo bituukaganira ddala n'ebbaluwa ya Katonda ey'obufumbo, wano, nga bw'egamba nti bwe kirina okuba . . .

228 Naawe, mmemba w'ekkanisa, ekkanisa yo bw'eba tefaanana bw'etyo, nga tetuukana na bisaanyizo Katonda by'ayagala eby'Ekigambo Kye, gifulume oyingire mu Kristo.

229 Okwo kulabula kukulu nnyo. Tetumanyi budde ki, naawe tomanyi kiseera ki, ekibuga kino lumu lwe kirikka wansi ku ntobo ya liyanja lino kirimulaala.

230 "Ayi, Kaperenawumu," bw'atyo Yesu bwe yagamba, "ggwe eyagulumira ennyo mu bbanga, ojja kuwanulwayo ossibwe wansi mu magombe. Kubanga, ssinga emirimu egy'amaanyi egyakukolerwamu gyakolebwa mu Sodomu ne Ggomola, byandibadde bikyayimiridde okutuusa leero." Era Sodomu, ne Ggomola biri wansi ku ntobo ya Nnyanja Enfu. Ne Kaperenawumu kiri ku ntobo ya nnyanja.

231 Ggwe ekibuga, ekyeyita ekibuga kya Bamalayika, ggwe eyeegulumizza n'otumbiira mu bbanga, n'osaasaanya ebintu byonna ebicaafu, eby'obugwagwa n'emisono egy'obugwenyufu n'ebirala, amawanga ag'ebunaayira ne gatuuka n'okujja wano ewaffe okusomba obugwagwa bwaffe okubutwala ewaago, mu makanisa gammwe aganyirira agaliko n'ebitikkiro, n'ebirala, nga bwe mukola. Jjukira, luliba lumu olyesanga ogalamidde ku ntobo ya nnyanja, n'egyo emisingi egy'ekikungu kwe wazimbibwa. Ku kiruyi kya Katonda kwennyini kw'otudde nga kitokotera wansi wo. Anaatuusa wa nga akyakwatiridde ebbibiro ly'omusenyu ogwo ogukyakuwaniridde? Eriyanja liri erudda eri, eririko obuwanvu bwa mmayiro nnamba okukka wansi, bwe lirimogoka ne likkamu, okutuukira ddala eri ku Nnyanja Salton. Kiriba kibi nnyo n'okusinga olunaku lwa Pompeii olwasembayo. Weenenye, Los Angeles.

232 Mwenenye, abasigadde mwenna, mukyuke mudde eri Katonda. Ekiseera ky'ekiruyi Kye kituuse ku nsi. Mudduke

nga wakyaliwo akaseera ak'okudduka, mujje muyingire mu Kristo.

Ka tusabe.

233 Ayi Katonda Omwagalwa, nga, mu mwoyo gwange, nkankana, omutima gwange gukulukuta amaziga ag'okulabula. Ayi Katonda, leka, abasajja n'abakazi baleme okutwala bye njogedde nga eby'okusaaga, ne bannakkanisa baleme okubirowoozaako nga ekintu eky'okubalemesa obulemesa oba nti okubalwanyisa. Leka bakirabe, ayi Mukama, nti nkikoze mu kwagala.

234 Onjulira, ayi Katonda Omuyinza wa byonna, nga bwe nnewuubyenga ku lubalama luno, mwaka ku mwaka, nga nnangirira Ekigambo Kyo. Ssinga kimala ne kibaawo ekiro kino, onjulira, Ayi Katonda nti ge njogedde ge Mazima. Omanyi nga okwolesebwa kuno okukwata ku Mugole ge Mazima. Nkyogeredde mu Linnya Lyo, ayi Mukama, ne ŋŋamba nti kibadde BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Era Mukama, muli mpulira, nga ntegeera kye nkola.

235 N'olwekyo nkusaba, ayi Mukama, mu Linnya lya Yesu, leka abantu beegaganule, ekiro kino, badduke ekiruyi ekigenda okujja, kubanga Ikabodi kiwandiikiddwa ku nzigi zonna ne ku mawanga. Galambiddwaako n'obulambe obuddugavu. Omwoyo wa Katonda anyiiziddwa n'abavaako, era bapimiddwa ku minzaani ne basangibwa nga babulako. Embaga ya Kabaka Nebukaduneeza ezzeemu nate okubaawo, n'embaga ez'ettamiiro n'abakazi kyenkana abali obukunya, abeeyita Abakristaayo.

236 Ayi Katonda ow'omu Ggulu, saasira ensi eno ejjudde ekibi n'abantu aboonoonyi, ayi Mukama, nga bwe tuli ekiro kino. Ayi Katonda, ngezaako okuyimirira mu muwaatwa nga nsaba Okusaasirwa okuva eri Katonda, Oyogere eri ekibiina kino ekiro kino era ozuukuse ebirowoozo by'Omugole Wo abeere bulindaala, ayi Mukama, aleme okukumbira ku kabonero k'ekiyiiye kyonna, wabula akumbire ku ddoboozi ly'Enjiri ya Mukama waffe Yesu Kristo. Kituwe, ayi Katonda. Leka kimanyibwe, ekiro kino, nti Ggwe Katonda, era nti Ekigambo Kyo ge Mazima. Nga, n'obwegendereza, mu maaso g'abantu bano, tubagamba bawawamuke babeere bulindaala eri Ekigambo Kyo.

237 Mu Linnya lya Yesu Kristo, mbasabira, ayi Mukama. Bakulabye, awatali kubuusabuusa kwonna, nga otambula mu bibiina byabwe n'obabuulira ebiri mu mitima gyabwe. Era Omanyi, ayi Mukama, ekyo, ekigenda mu maaso, mu kaseera kano kyennyini. Omanyi nga ago ge Mazima, Ayi Katonda. Era nkusaba, mu Linnya lya Yesu, leka Omwoyo Omutukuvu atwegayiririre nate, Mukama, asikeyo okuva mu kibiina kino, ayi Mukama, abo abaawandiikibwa mu Kitabo

ky'Omwana gw'endiga eky'Obulamu. Kituwe, ayi Katonda. Nsabye n'omutima gwange gwonna.

238 Abantu bano, bulijjo, Mukama, basobola n'okumpa akasente kaabwe konna ke baba basigazizza, okuwagira Obubaka. Basobola okukola kyonna kye basobola. Wabula, Ayi Katonda, bwe gutuuka ku kukitambuliramu, n'okukiyingiramu, nsaba, ayi Katonda, kino kibeere ekiro mw'Onobaweera empeera ofuke Omwoyo Wo Omutukuvu ku lukuŋŋaana luno. Era leka waleme kubaawo kusagambiza kwonna na kubuukabuuka, wabula kubeere kukuba biwoobe na kukaaba, na kwenenya, nga twekutte ku mayembe g'oku kyoto, nga bwe tulaba omusango nga gutokotera ku ntobo ya wano we tuyimiridde, ekiro kino. Kituwe, ayi Katonda. Nsabye n'obwesimbu bwonna bwe mmanyi, mu Linnya lya Yesu Kristo.

239 Muganda wange, mwannyinaze, ssi—ssimanyi birala bya kwogera, naye bwemba nfunye okuganja mu maaso gammwe, olw'amaanyi ga Katonda, bwe muba munzikiriza nti ndi nnabbi We. Ekyo guno gwe mulundi gwe nsoose okukyogera mu lujjudde. Naye muli mpulira engeri y'okulabula okutali kwa bulijjo. Kino ssitera kukikola. Mukimanyi nti ssi bwendi. Bwenti si bwe nneeyisa. Nnagezezzaako n'okwewala okubuulira Obubaka obwo n'okwogera ebintu ebyo. Nnagezezzaako okubwebalama n'ebirala byonna, nga nneewala okukikola. Naye Bwogeddwa, era Buliyimirira ku Lunaku lw'Omusango, nga omujulirwa nti ge njogedde Mazima. Ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA KATONDA! . . . ? . . .

240 Mmwe, Abapentekoote, mudduke mutaase obulamu bwammwe. Mudduke mugende awali amayembe g'ekyoto mukaabe, nga obudde tebunnabayitako, kubanga ekiseera kijja lwe mulikaaba nga tekikyagasa. Kubanga Esawu yagezaako okunoonya omwagaanya, ogw'okweddiza omugabo gwe ogw'obusika, naye n'atayinza kugufuna. Nkuwaayo, ggwe, California. Mmwe, olukuŋŋaana lw'Abasajja Abasuubuzi Abakristaayo abakkiririza mu Njiri enzijuvu, be njagala, nga ndese ebirala byonna ne nnyweerera wamu nammwe, n'omutima gwange gwonna, mbawaayo eri Yesu Kristo, ekiro kino. Muddukire gy'Ali! Temuganyanga ssetaani okubannyogoza okubaggya ku Kino. Mukinyweerereko, okutuusa nga, buli omu ku mmwe, ajjuziddwa n'Omwoyo Omutukuvu, okutuusa, lwe kinaabaleetera okujja eri Ekigambo kino, ne kibaleetera mmwe abakazi okutambulira mu bulamu obugolokofu, nammwe abasajja ne kibaleetera okutambulira mu bulamu obugolokofu. Kubanga bw'ogamba nti olina Omwoyo Omutukuvu, naye ate nga togondera Kigambo, oba olimu mwoyo mulala. Omwoyo gwa Katonda gubeera ku Kigambo Kye, Ekigambo kya Masiya, ekifukiddwaako amafuta. Omugole ateekwa kuba Masiya-omukazi, Ekigambo ekifukiddwako amafuta.

241 Leka tuyimirire ku magulu gaffe, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo. Bwe mutaliddamu kuwulira ddoboozi lyange mulundi mulala. . . Naye, Katonda nga ayagadde, mu ssaawa ntono, nja kuba nsitula okugenda mu Afirika. Nnyinza obutadda. Ssimanyi. Naye, mbagamba, n'omutima gwange gwonna, Amazima ngababuulidde. Ssirekeranga awo kubabuulira buli kimu kyonna Katonda ky'aŋŋambyenga okubagamba. Era mbyogeddenga mu Linnya lya Mukama.

242 Kaseera kakulu nnyo. Ssimanyi ngeri ya kukinnyonnyolamu. Ngezezzaako okuva ku kituuti emirundi nga esatu oba ena, naye kinnemye okukola. Kano kaseera kakulu nnyo. Tokerabiranga. Kino kye kiseera, ob'olyawo, nga Katonda ayita omulundi Gwe ogusembayo. Ssimanyi. Lumu, Aliyita omulundi Gwe ogusembayo. Oba ddi? Nange ssimanyi. Naye mbabuulira, okusinziira ku kwolesebwa okwo, kirabika nga Omugole oyo anaatera okuggwaayo.

243 Mulabe amakanisa ag'emikolo obukolo kati lwe gayingira. Embeerera enneebafu bwe zaagenda okunona Amafuta, tezaagafuna. Omugole yayingira munda. Okukwakkulibwa ne kubaawo. "Bwe baagenda okugula Amafuta, Omugole Omusajja n'atuuka."

244 Weebase? Zuukuka, mangu, odde mu ntegeerayo entuufu. Era leka tusabe, buli omu, nga tulinga abafa eddakiika eno, mu Linnya lya Mukama waffe. Leka, ffenna, buli omu asabe mu ngeri ye.

245 Ayi Katonda Ayinza byonna, tusaasire. Mukama, nsaasira. Tusaasire ffenna. Tuganyulwamu ki, ne bwe tukola ebyenkana wa, ssinga tulemwa mu bintu bino? Nnyimiridde nga nkusaba okusaasirwa, Ayi Katonda, nga ekibuga kino ekinene tekinnaba kukka wansi ku ntobo ya nnyanja nga omusango gwa Katonda tegunnakuba lubalama luno. Nkusaba, ayi Katonda, oyiteyo Omugole Wo. Mbawaayo gy'Oli kaakano, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina. Amiina. . . ?. . . Njogedde mazima . . . ?. . .

OKWEROBOZA OMUGOLE LUG65-0429E
(The Choosing Of A Bride)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwokuna akawungeezi, nga 29 Apuli, 1965, nga bubuulirwa ku lw'olukuŋŋaana lwa Full Gospel Business Men's Fellowship International mu Woteeri ya Biltmore Hotel mu Los Angeles, California, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2022 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org